

- iv) Namatovu wa Ngabi. Yazaala Ngobe ne Ggomotoka.  
vi) Nantume wa Mbogo. Teyazaala.

Ye yayigga Abenjovu abaazaala Kagulu, eyabonyabonya ennyo abantu ne Katikkiro we, ate era nga be baalya Obwakatikkiro.  
Kikulwe yakuba ebibuga- Kibibi, Kaaliiti.

## 22. MAWANDA:

Nnaalinnya we ye Nawatti.  
Omulongo we ayitibwa Ssimbwa.  
Ennyumba ye eyitibwa Kiryangokibi.  
Ejjembe lye liyitibwa Kasajja.  
Katikkiro we, ye yali Ssebanaakitta, wa Mmamba.  
Bakadde be, be baali Ndawula ne Nakidde, wa Ngo.  
Emmyaka gye yafugiramu 1805-1807  
Amasiro ge gali Sserinnya(Buwanda mu Luteregga) - Busiro  
Abazaana be, be ba:-

- Nabunnya Nassaza wa Ngeye. Teyazaala.
- Nabuuso wa Butiko.
- Kikome Kaddulubaale wa Mmamba. Yazaala Bbengo ne Mulere.
- Nakasinde wa Kkobe. Yazaala Wasswa ne Kato.
- Namisango wa Musu.
- Nanlonzi wa Nnyonyi. Yazaala Kirabe
- Nankonyo wa Nnyonyi. Yazaala Omumbejja Namirembe.

Mawanda teyazaala Kabaka. Omulangira Musanje owa Ndawula teyalya ḥloma, naye yazaala bakabaka basatu: Mwanga I, Namugala ne Kyabaggua Muwenda. Yabazaala mu Nalugwa wa Ndiga. Yazaala n'Omulangira Kayondo mu Muzaana Namirembe, naye Owendiga. Bawuna Oweffumbe teyazaala.  
Entenga (ez'amaloboozi amatabule) zaatandikira ku mulembe gwe. Abasinga bagamba nti ḥloma zino zaasookera ku mulembe gwa Ssekabaka Mulondo omwana

wa Nakibinge. Ye yawa Aboomusu obwa Namusu. Nakino abamu bakiwakanya ne bagamba nti Ssekabaka eyawa ab'ekika ky'omusu Obwannamusu, ye Ndawula Kanaakulya e Musaba. Naye okuva ku Kabaka Mawanda, Aboomusu baatwalira ddala omulimu omukulu ennyo mu Lubiri. Be bantu abasinga okubeera abesigwa, abasobola okukuuma ebyama bya Kabaka. Tebalina kabi konna ke bayinza kukola Kabaka. Be bokka abakkirizibwa okubeera emmanju mu Lubiri nga balongosaayo. Ekiyigo kya Kabaka kye kiva kiyitibwa Namusu. Ye yalagira okuweesa ekide ekikubwa ku mulyango ng'omugenyi omukulu ayingira mu Lubiri, ne kivuga okumulanga. Ye yatabaala Busoga e Nsiisi. Abalangira Namugala, Mwanga, Kyabaggua ne Kayondo be baaleeta omusawo Buddo eyasimba ejjembe e Naggalabi nga bagenda okutta Mawanda. Okuva olwo akasozi ne katuumibwa Bwendo, okuva mu Naggalabi.

Omulongo we ayitibwa Kmatisa.

Mawanda yakuba ekibuga kye e Katakala, yakuba embuga ya Kkaggo e Mbuya, eya Ssekibooobo e Mukono, eya Kkangaawo e Bbowa, Lwankuba e Bulemeezi, Mukuma, Lubumbu ne Kaasannyama.

## 23. MWANGAI:

Bannaalinnya be baali Serwamutanda ne Nkinzi.  
Omulongo we ayitibwa Kyerula.

Ennyumba ye eyitibwa Kasajjakaaliwano (Waluggya).  
Ejjembe lye liyitibwa Siimuuhuone.  
Katikkiro we, ye yali Ssebanaakitta, wa Mmamba.  
Bakadde be, be baali Omulangira Musanje Ggolooba ne Nabulya Nalugwa, wa Ndiga.  
Emyaka gye yafugira 1807-1807. Yamalako ennaku mwenda zokka.

Ssaabalangira we, ye Lukanga. Obwassaabalangira bwaddamu okulabikako wano, ng'alonze Omulangira Lukanga okubulya. Ssaabalangira ono yalamula ku bakabaka basatu, Mwanga, Namugala ne Kyabaggua.  
Amasiro ge gali Kavumba mu Busiro.

Abazaana be, be ba:-

- Najjuma wa Lugave. Yazaala Mulage Nnawangiri.
- Nakabugo wa Nkima. Yazaala Kiwanuka.
- Nakiwala wa ḥlome. Teyazaala.
- Namayanja wa Mmamba. Yazaala Sekafuwa, Kiribata ne Kikunta.

- iv) Nalubowa wa Ngo. Teyazaala.
- v) Namakula wa Lugave. Yazaala Nkondoggo.
- vi) Erinnya Mwanga liva mu kigambo "Omwanga", ekitegeesa ekitangaala. Omulembé gwe gwali mutangaavu nnyo. Abantu beeyongera okuyiiya mu kukola emirimu n'okuvumbula ebiligambo ebisanyusa. Abaganda wano we baatandikira okuyiiya enfumo, ebitontome n'ebiligambo by'Oluganda ebisengeke. Jjajja we Nkunnumbi ye yamutta nga ku Namulondo yakamatlako ennaku 9 -mwenda zokka.

Mwanga I yakuba ekibuga- Kavumba.

#### 24. NAMUGALA LUKANGA:

Nnaalinnya we ye Nnaayimbabuna.

Omulongo we ayitibwa Lukungo.

Ennyumba ye eyitibwa Kiryangokibi (Kinnyakyamulyango).

Ejjembe lye liyitibwa Kasajja.

Katikkiro we, ye yali Kagali, wa Nvuma.

Bakadde be, be baali Omulangira Musanje ne Nabulya Nalugwa, wa Ndiga.

Emyaka gye yafugira 1807-1811.

Amasiro ge gali Muyomba - Busiro. Enjole ye yaterekebwu Mereera. Ku kasoz i kano era kwe yabikkira kitaawwe akabugo. Oluvannyu kaatumibwu Muyomba olwa Jjunju ne Ssemakookiro okuyomberako.

Ssaabalangira we ye Lukanga.

Abazaana be, be ba:-

i) Basuuta ye Kaddulubaale wa Nseenene. Teyazaala.

ii) Najuuko wa Butiko. Yazaala Katerregga.

iii) Nakangu wa Mmamba. Yazaala Ngabo.

iv) Nalubowa wa Ngo. Teyazaala.

v) Nalunga wa Nvuma. Teyazaala.

vi) Nawanguma wa Ngabi. Yazaala Kibooli.

Ye yasooka okutikkirwa ku Buddo, nga livudde mu Naggalabi erinnya ekadde ery'ekifo kino. Ono ye Kabaka eyaasinze okwagala emizannyo. Yali mumegganyi kayingo, era

bwe yalya Obwakabaka, yeeyongera okumeggana. Obuganda bwe bwamugaana mbu Kabaka takola bwatyo, okuzannyanga buli kiseera ng'omwana omuto, yalekulira bulekulizi Obwakabaka n'abuwa muganda we Kyabagu, ye n'agenda e Bbulamazzi, Mawokota ne yeyongera okumeggana.

Ebibuga Namugala bye yakuba - Nansana, Lugoba, Kitala, mwe yasima ennyanja, Namasanga eri Kavumba.

"Nsahaddemu juno". Nakan ekitunda skyo kiyilibwa Busabala.

#### 25. KYABAGGU:

Nnaalinnya we ye Kabonesa. Omulongo we ayitibwa Kimulisa.

Ennyumba ye eyitibwa Bazibumbira.

Ejjembe lye liyitibwa Katwalo.

Bakatikkiro be, be baali Kabinuli ne Lugoloobi, bombi nga ba Nvuma.

Bakadde be, be baali Omulangira Musanje ne Nabulya Nalugwa, wa Ndiga.

Emmyaka gye yafugiram 1811-1817.

Amasiro ge gali Kyebando – Busiro so si Kyebando mu Kyaddondo.

Ssaabalangira we ye Lukanga.

Abazaana be, be ba:-

i) Gwokyalya wa Lugave. Yazaala Nsekere.

ii) Kiriibwa wa Lugave. Teyazaala.

iii) Magotta wa Mmamba. Teyazaala.

iv) Misinga wa Lugave. Yazaala Ssaanya.

v) Mbigidde wa Nvuma. Yazaala Wakayima.

vi) Nabiweke wa Ngo. Yazaala Jjuuko.

vii) Nabugere wa Ffumbe. Yazaala Mbajjwe.

viii) Nagalabe wa ηηonge. Yazaala Nalukwakoba.

ix) Nalubimbi wa Kkobe. Yazaala Ssaku.

x) Nalwandaba wa Mmamba. Yazaala Wango ne Mukuma.

xi) Namayanja wa Mmamba. Yazaala Sekafuuwa, Kiribata ne Kikunta.

xii) Nambooze wa Kkobe. Yazaala Kigoye ne Kalema.

xiii) Nanteza wa Njovu. Yazaala Jjunju, Ssemakookiro, Wassajja

n'Abambeija Kyomubi, Nakayiza ne Zansanze.

xiv) Namayanja wa Mmamba. Yazaala Sekafuuwa, Kiribata ne Kikunta.

Kabaka ono ye yawangula Busoga. Ku mulembe gwe Kawumpuli yatta nnyo abantu. Bwe yakimanya nti Mmese ze zimuleeta, yalagira abantu okutta emmese wonna mu Ggwanga. Yatema n'omuggo gwe, gwe yakubisanga emmese nga baguyita Kikubammese. Ye yatwala ebintu by'Obwakabaka n'Obwakiweewa, ejjembe "Namuzinda" ng'abiggya e Nnyiize, Bugerere ewa Lukanga, n'abitwala n'abibikka mu muvule mu mugga Naava. Okuva olwo, ne kati wayitibwa MBIKKO. Ye Kabaka eyasembayo okugenda e Bulamu okusabira. Obuganda emirembe n'obuwangaazi. Ye yasooka okufuna essowaani n'ebikopo.

Ku mulembe gwe kwe kwali omusajja nga bamuyita Kulyennyingi. Ono yabeeranga Ggangu. Yali wa Lugave. Yafukamira wansi n'asaba Kabaka amusomose omugga Kaliddubi, ogwawula Masajja ne Ggangu, ogwali gujjudde nga gubooze, ate Kabaka ono yali musajja mumpi. Kulyennyingi yeetikka Kabaka n'amusomosa. Kabaka yali agenda ku kyogero, ekiggwa ky'Abekkobe ekiyitibwa Nakabugo, "Akaja omuzingo, akaligenda n'enjula". Amakulu nti omubumbu gujja n'omuzingo ne gwanjulukuka, ne gufuuka olulagala. Eyo bakabaka gye banaabira awali eryato lya Mwanga. Eriyo omuwarfu gw'Abenkima omunene oguyitibwa Nnaabonganaani. Era ogwo gwe mwalo Kayemba kwe yasanga omuzibe eyamulabulira mu ndere nti, "Kayemba Naantabuulirirwa, alisaabala obw'ebbumba."

Olw'okubanga omusajja Kulyennyingi yeetikka Kabaka teyali wa Mbogo, teyamukongojja. Omulala yenna atali wa Mbogo, mu kaseera akazibu, bwe yeetiba Kabaka n'amusitula, bakiyita kusitula oba kuweeka so si kukongojja. "Kaweka Kabaka" ono, yayatiikirira nnyo mu Buganda. Okuva olwo teyaddayo kukozesa kigambo "Kabaka". Buli lwe yayogeranga ku Kabaka, ng'amuyita, "Omunene Kaweekwa". Eyo bwe yagifuula e ḥombo, abantu kwe kumukazaako erya "Kaweekwa", erya Kulyennyingi ne lifa.

Omugga Kabaka gwe yasooka okuyitamu, yafuniramu olubugumu, era na buli kati guyitibwa Lubugumu. Olwasomoka omugga Kaliddubi, omubiri gwe ne guyiwa olutiko, ne gufuuutuuka ekibiribiri, na buli kati ekifo ekyo kiyitibwa Kibiri. Bwe yeeyongerayo mu maaso, n'anaaba awone olubugumu. Awó we yanaabira, na buli kati, bayitawo Kanaaba. Bwe yeeyongerayo mu maaso, n'asanga Omusambwa nga guli mu musajja omulungi okukamala. Kabaka yabuuza omusajja oyo erinnya lye. Omusajja yamuddamu nti, "Nze Katyonsanze, tekasikirwa mbazzi". Kabaka yalagira omusajja ono bamutemeko okugulu.

Baamutwala ne bamutemako okugulu, naye bwe baali bamuzza awaali Kabaka, okugulu ne kuddako. Baakitya nnyo kyokka Kabaka teyakkiriza nti okugulu baali mu mazima bakutemyeko. Kye yava asaba entebe atuuleko bakutemeko ng'alaba. Amangwago okugulu ne kuddako nga baakutemako. Kabaka yasituka busitusi n'atambula. Ekifo Kabaka we yatuula nga batemako okugulu kw'omusambwa, waamerawo akabira nako akaatumibwa erinnya Katyonsanze. Temutyabibwamu nku ng'ozitema, mpozzi olonda ezo ezaakala edda ne zigwa zokka. Kabaka bwe yatuuka emitala n'agamba nti: "Nsaabaddemu luno". Nakati ekitundu ekyo kiyitibwa Busaabala.

Kaweeekwa bwe yafa, baamuzika ku kkubo e Ggangu. Lumu omusana ppereketya gwayaka nnyo mu kyeya. Bwe baatunulanga ku malaalo ge nga balengerako ekimyanso ekiva mu bbugumu, eriva mu ttaka eryoka, ekyanyeenyanga olw'okutambula kw'empewo eyoka. Kino kyabalabikira ng'ekifaananyi kya Kaweekwa, ne balowooza nti yali azuukidde. Awo we waava enjogera egamba nti:- "Guno ogwase, (omusana), guzuukusa Kaweekwa e Ggangu." (abamu bagamba musango, naye omusango tegwaka).

Kyabaggu ye yatandika okugoba ba Mugema. Mugema Walulya, yatumwa ettaka okuva e Lubya mu Buganda, alitwale e Busoga bagatte e nsi zombi, olwo efluuke ensi emu efugibwa Kabaka wa Buganda. Mugema Walulya ettaka teyalituusa, n'aliyiwa e Mukono, kati awayitibwa Ttakajjunge. Ekyo kyanyiiza nnyo Kabaka, era olw'okuba nga Kabaka tatta Mugema, kyeyava amugoba bugobi ku Bwamugema. Edda Bamugema baali tebagowba. Okuva ku Kyabaggu, kati kisoboka. Kino kyetaagisa okunoonyerezako ennyo, anti abamu bagamba nti Ssekabaka Mutebi I e Kongojje omwana wa Kateregga, ye yasooka okugoba Mugema, n'Obwamugema n'abuwa Kalali Owoolugave. Kyokka Kayiira Katikkiro wa Ssuuna II yabuzzaayo mu bannannyinibwo. Ye Kabaka eyasembayo okukola emikolo gy'okutikkira mu bujuvu. Kikoso kojja w'Abalangira Sekafuuwa, Kikunta neKiribata, yekobaana nabo batte kitaabwe. Sekafuuwa ye yatta Kyabaggu olw'okutta nnyaabwe. Abalangira be baakola olukwe okutta kitaabwe, nga bamulanga kutta nnyaabwe Namayanja Owemmamba. Yamutta bubi era n'amusuula mu masanqaaanzira, ekyanyiiza ennyo Omulangira Sekafuuwa ne Kojja we Kikoso.

Bino bye bibuga Kyabaggu bye yakuba; Masajja, Nakaboutongo(Nakawa), Bbuye, Nsambwe ne Jjinja mu Busoga ne Kyebando mu Busiro, Lubya.

## 26. JJUNJU:

Nnaalinnya we ye Nsangi.

Omulongo we ayitibwa Muzigo.

Ennyumba ye eyitibwa Kasajjakaaliwano.

Ejjembe lye liyitibwa Lubowa.

Bakatikkiro be, baali Ssendegeya, Mayembe ne Kagenda, bona ba Mmamba.

Bakadde be, be baali Kyabaggu ne Nanteza, wa Njovu.

Emyaka gye yafugiramu 1817-1819.

Amasiro ge gali Luwunga – Busiro.

Abazaana be, be ba:-

i) Katageya wa Mmamba. Yazaala Kyomubi, yazaama muto.

ii) Nakamu wa Ndiga. Yazaala Semalume, yazaama muto.

iii) Nassozi wa Ndiga. Teyazaala.

iv) Tebaawuza wa Mbogo. Teyazaala.

Bwatyo yasigala talina Mulangira alisikira ḥηoma. Yalowooza nti muganda we Ssemakookiro y'amuloga aleme kuzaala. Ate ye Ssemakookiro yazaala. Kino kyanyiiza nnyo Jjunju. Kye yava agenda ng'atta Abalangira n'Abazaana ba Ssemakookiro. Buli Iwe yalabanga Omuzaana ali olubuto, ng'amutta, nga tayagala muganda we Ssemakookiro azaale Omulangira aliryia eηηoma. Era teyayagala Ssemakookiro yennyini alye eηηoma ye. Ono ye Kabaka eyawangula Buddu n'agigatta ku Buganda, ng'agabyeyo Ppookino omuberyeberye.

Ebibuga Jjunju bye yakuba; Luwunga, Mugongo, Migo, Kasalaga, Kiawu, Nsozibbirye ne Kalamba.

## 27. SSEMAKOOKIRO WASSAJJA:

Nnaalinnya we ye Kiyumba.

Omulongo we ayitibwa Muzigo.

Ennyumba ye eyitibwa Kasajjakaaliwano.

Ejjembe lyc liyitibwa Lubowa.

Bakatikkiro be, baali Nabbunga wa Ndiga, Ssekayiba Nabembezi

ne Kiyanzi,

bombi ba Mbogo. Kaduwamala wa Nvuma.

Bakadde be, be baali Kyabaggu ne Nanteza wa Njovu.

Emyaka gye yafugiramu 1819-1821.

Amasiro ge gali Kisimbiri mu Busiro. Enjole ye yaterekebw Merera.

Ssekabaka ono n'abaamuddirira, tebaalonda Ssaabalangira.

Abazaana be, be ba:-

- i) Balami wa Ndiga. Yazaala Nakuyita.
- ii) Bawedde wa Mbogo. Yazaala Lugenge.
- iii) Bwayita wa Nkima. Yazaala Tebattagwabwe.
- iv) Guluma wa Nkima. Yazaala Nabisaalu.
- v) Gwowoleza wa Ndiga. Yazaala Mutebi.
- vi) Jjajjawabawa wa Ndiga. Yazaala Mutebi II.
- vii) Nabisunsa wa Mpindi. Yazaala Nagaddya.
- viii) Namatama wa Ndiga. Yazaala Zimbe.
- ix) Ndwandeewazibwa wa Nseenene. Yazaala Kamaanya, Ndagine Nabinaka.
- x) Sebandabawa wa Ngeye. Yazaala Kiyumba ne Nnyiningabo.
- xi) Kisirisa wa Mmamba. Yazaala Kakirekwa ne Kafunende.
- xii) Sikiyanaga wa Nkima. Yazaala Kakungulu Muzigo, wali ku luguudo Iw'e Ntobe mayiro 12.

Yatta abaana be bona okuggyako Kakungulu. Ye yatumbula okukomaga mu Buganda kasita yalagira okusimba emituba wonna mu Buganda. Ye yaleeta n'engoye muno. Ssemakookiro yayomba ne muganda we Jjunju olw'okumuttira omukazi. Yali agenda okutta muganda we, nnyaabwe n'amugaana era n'awulira, nnyina kye yamugamba, n'asonyiwa muganda we. Naye Jjunju bwe yayongera okutta Abazaana ba Ssemakookiro, Ssemakookiro n'anyiiga nnyo era n'ayagala alwane ne muganda we. Ku luno nnyaabwe yabaleka balwane. We baayombera bayitawo Muyomba, ke kasozi akaliraanye Wakiso. Akasozi ako kakulu nnyo kubanga ne Namugala kwe yabikkira kitaawe akabugo. Baalwana ne muganda we era Abakunta n'Abemmamba be baayamba Ssemakookiro okutta Jjunju. Baamuttira Malangala mu Kiramuzi. Ssemakookiro bwe yalya Obwakabaka, yabeefuulira, n'anyiiga nnyo, n'abayigga olw'okutta muganda we. Abakunta baddukira Bunyarugulu ne Kitagendwa. Abaddukira e Bunyaruguru bayitibwa Banyaruguru, abaddukira e Bukedi bayitibwa Bakenyi, ekitegeeza, Bagenyi, kubanga bannansi baayo tebasobola kwogera nnyukuta ya "g".

Ebibuga Ssemakookiro bye yakuba; Kasangati, Kisimbiri, Nakatema, Nnyanjeeradde, (Makeerere) ne Kitende.

## 28. KAMAANYA:

Nnaalinnya we ye Kiyumba.

Omulongo we ayitibwa Bifuulanye(Sebukuule).

Ennyumba ye eyitibwa Bunnyabukadde.

Ejjembe lye liyitibwa Manyonyi.

Bakatikkiro be, be baali Kaduwamala ne Katimpa, bombi ba Nvuma.

Kafumbirwango ne Kimoga, bombi ba Lugave. Ssebuko, wa Mmamba.

Bakadde be, be baali Ssemakookiro ne Ndawdeewaziba muwala wa Luyombo, wa Nseenene.

Emyaka gye yafugiram 1821-1824.

Amasiro ge gali Kasengejje, Busiro.

Abazaana be, be ba:-

- i)      Bukirwa wa ηηonge. Yazaala Kiggala
- ii)     Bayimba wa Nkima. Yazaala Nakibinge
- iii)    Gwowemukira yali Mulaalo. Yazaala Kiteerera, Kimera, Ndawula, Lule ne Kiggala.
- iv)     Kayaga Baganza wa Kkobe. Yazaala Babirye ne Nakato.
- v)     Kisirisa wa ηηonge. Yazaala Kaggwa.
- vi)    Kizza Kaddulubaale wa Ffumbe. Yazaala Nakibinge, Bawunyakangu ne Ssekamaanya .
- vii)   Kyosubyamunno wa Nkima. Yazaala Mbajjwe.
- viii)   Kyotowanda wa Mmamba. Yazaala Bamweyanu Mugogo Bifuulanye Mumawe e Kasengejje.
- ix)    Kyowola wa Ndiga. Yazaala Nangadde ne Nakayenga.
- x)    Lubadde wa Ngeye. Yazaala Tajuuba ne Namayanja.
- xi)   Mbazziki wa Nkima. Yazaala Nabalogha Twayise.
- xii)   Mubyowaayo wa Lugave. Yazaala Nassolo ne Kagere.
- xiii)   Muteezi wa Mbogo. Yazaala Nambi.
- xiv)   Mukwano wa Nkima. Yazaala Kyomubi.
- xv)   Nabibuga wa ηηonge. Yazaala Nakangu.

- xvi)   Nabikuku wa Nkima. Yazaala Nassolo.
- xvii)   Nabirumbi wa Ngabi. Yazaala Nalumansi.
- xviii)   Nabiswazzi wa Nkima. Yazaala Luwedde.
- xix)   Nabiyonga wa Lugave. Yazaala Nnakku.
- xx)   Nabbowa wa Lugave. Yazaala Kimera.
- xi)   Nakaddu wa Mpindi. Yazaala Lumansi ne Nanuka.
- xxii)   Nakanyike wa Mmamba. Yazaala Tebandeke.
- xxiii)   Nakkazi Kannyange wa Mmamba. Yazaala Ssuuna.
- xxiv)   Nakkazi wa Ndiga. Yazaala Wasswa.
- xxv)   Nnakku wa Ffumbe. Teyazaala.
- xxvi)   Nakyeokoedde wa Mmamba. Yazaala Ndawula ne Mutebi.
- xxvii)   Nalumansi wa Ffumbe. Yazaala Nakalema.
- xxviii)   Naamala wa Kkobe. Yazaala Kigoye.
- xxix)   Namawuuba wa Ffumbe. Yazaala Ndagire.
- xxx)   Namukasa wa Mmamba. Yazaala Kiggala.
- xxxi)   Nambi Tebasaanidde wa Mmamba. Yazaala Wasswa, Babirye, Kajumba ne Mbajjwe.
- xxxii)   Namwenyagira wa Mpindi. Yazaala Nakalira.
- xxxiii)   Nannozi (Mumbejja). Yazaala Ndagire.
- xxxiv)   Nankanja wa Nvuma. Yazaala Nassuuna Kyetenga.
- xxxv)   Nzaalambi wa Lugave. Yazaala Kizza ne Nakayenga.
- xxxvi)   Siribatwalira (Musongola wa Nkima). Mpaalikitenda ne Nabisubi.
- xxxvii)   Mpaalikitenda yawangaala nnyo Abazungu ne baamusangawo ne bamutuuma erya Kasalina.
- xxxviii)   Tebeemalizibwa wa Lugave. Yazaala Nagaddya.
- xxxix)   Neetunze teyazaala.

Yatabala Busoga emirundi ena. Buluuli emirundi ebiri, Bukedi ne Busongola. Sir Apollo Kaggwa atugamba nga Kabaka ono bwe yalina ekyejo, ng'afungula abasajja be mu mbugo okulaba bwe benkana, olwo n'abagemulira. Eyalinanga akatono nga amuwa omukyala ng'amugamba ntí "Bwe siikuwe, oliggya wa omukazi omulungi". N'eyalinanga obwaguuga, nga naye amugamba atyo. (Basekabaka ba Buganda olup. 80). Yayisa etteeka ntí omukazi bw'anoba taddyo kufumbirwa nga omusajja gw'anobyeko akyali mulanu. Bwe baakizuulanga, nga wawasa omukazi eyafumbirwako, nga bakumuggyako, nga hamuzzaayo ew'oli eyamusookako. Ggwe eyaakamufuna, ng'ofiirwa, era

ng'ovunaanibwa ogw'obusiguze. Kye baava bagera olugero olugamba nti. "Muk'omulamu, tafumbirikika". Yatabala entalo nnyingi nga Ssewankambo. Ssematimba ne Kikwabanga be basajja be kwe yasibiranga ekimu. Bwe baabattira mu lutabaalo. Kabaka baamutya okumubikira, Abalere bo bwe baamanya ne bamubikira nga bayita mu luyimba nti, "Abasiba embuzi basibira bwereere. Aa! Ssematimba Kikwahanga" Bulamazzi, Mpummuudde ne Lubaga.

## 29. SSUUNAI SEMUNYWA KALEMAKANSINJO:

Nnaalinnya we ye Sikyagatema.

Omulongo we ayitibwa Kasajja.

Ennyumba ye eyitibwa Batandabezaala.

Ejjembe lye liyitibwa Simuwuune.

Batikkiro be, be baali Migekyamye, wa Ngabi, Kayiira, wa Mbogo. Ye yasooka okuyitibwa Kamalabyonna. Kabaka yamugamba nti: "Oli Kamalabyonna ng'effumu lya Kiggyo".

Bakadde be, be baali Kamaanya ne Nakkazi Kannyange, wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu 1824-1854.

Amasiro ge gali Wamala mu Busiro, erya Wamala yaliggya ku Nnyanja Wamala mu Ssingi gye yakulira. Ekifo we yakuba olubiri, edda waayitbwanga Wamunyeenyenye. Bwe yalya Obwakabaka, n'atumawo Wamala.

Abazaana be :-

Ye Kabaka akyasinze okuwasa abakyala abangi. Yawasa abakyala 20180 era yazaala abaana 2100. Lumu, yalwala senyiga n'amuyisa bubi nnyo. Abaluññaana mikwanó gye. baamuwa amagezi ave e Mmengo agende awummuleko ave mu luyoogaano. Yagenda n'akuba olubiri e Lubya, kyokka yagenda n'abakyala 3000.

Ku bazaana ba Ssuuna II, kujjukirwako batono ddala, era be bano:-

- i) Ssaalinge wa Mpeewo, yamuggya Bugisu ku Masaaba. Yazaala Kiweewa ne Jjuuko e Kigoogwa.
- ii) Mirika Balaguzi wa Lugave. Yazaala Dina Namirembe.
- ii) Gwolyoka wa Njovu. Yazaala Mukaabya Muteesa I. Gwolyoka, yali mulungi nnyo omabalagavu. Kyokka bba yamugaba n'amuwa Abaluññaana olwokusiima emmundu, engoye n'obuganga. Baamutwalira Kabaka w'e Zanzibar Sultan

Sayid Bin Magid, n'amuzaalamu Omulangira Baragashi, era naye eyafuuka Kabaka. Ssenjiri Owennyonyi bwe yagenda e Zanzibar okusuubula engoye, eyo gye yasanga Gwolyoka. Bwe yadda n'abinyumya, Muganzirwazza n'alagira bamutte alekere awo okusamwassamwa n'ebigambo ebisobola okugya Muganzirwazza ku Bwannamasole.

iii) Yasikirwa muto we Muganzirwazza.

iv) Namammonde Kabejja wa Ffumbe. Yazaala Sserwola, Nassolo ne Kyebattula Ndagire.

v) Kikolwamuganzi Kaddulubaale wa Mbogo. Yazaala Lukanga, Wampamba Kato, Babiryne Nawatti.

vi) Kubina wa Ffumbe. Yazaala Mbogo Nuhu Kyabasinga.

vii) Wozaako Mukookiro wa Nseenene. Yazaala Kajumba.

viii) Ndimugambako, yazaala Kiyimba ne Nassuuna.

Abaluññaana Salim ne Issa Bin Hussein bajja mu Buganda mu 1848, we baatuukira baatumawoLungujiya okufaanana n'ekifogye baava. Ate Sinay Bin Amir yatuuka mu Buganda mu 1852. Mu 1855 Kabaka yabagoba mu Buganda. Yalina ettambiro lye e Kyebando wano e Kisaasi mu Kyaddondo lye yasinga okukoza okutta Abalangira n'Abambejja.

E Masanafu Ssuuna we yagabira eby'obuko ng'awasa Nakimera ow'Enseenene. Ekyalo kino ab'Omutura Nsonzi e Mawundwe Busuju, be baakitwala. Yatta Abasigula bona era yatta ne Malende olw'okutta Abasoga nga tebabalagidde, wadde nga baali ku lutalo. Yayagalanga abantu batandike okulwana ng'amaze kulagira. Ate nga bw'alagira olutalo n'otalwana, ng'akutta. Yatta Abaami be bona abaatyatya olutalo e Battambogwe. Ye yalagira okutandika okuwunda Bakabaka ng'akaba bakasibye ku kiwanga. Bonna yalagira ne babaleeta e Ssenge, Omutaka Semawata n'addamu okubawunda bona. Ye yakyusa erinnya ly'Omugga Nsoonooka n'agutuma Bwayiise. Ensonga gisange mu kitabo kya sir Apollo Kaggwa katikkiro, ekiytibwa Basekabaka be Buganda.

Erinnya ly'enyanja Wamala lyava Ssese. Musisi yazaala abaana be Lubaaale nga nnyina ye Nsangi wa Mmamba; ne Bumbuzzi (Bumbuje mu Lusese) nga nnyina ye Nakanyonyi wa Nkima muzzululu wa Maaso. Lubaaale yawasa mukazi we Nambubi nga wa Mmamba, muwala wa Ssemuwunda. Bumbuzzi yagulira mulamu we Nambubi olukato olw'ekikomo alukise ekibbo.

Bba bwe yalaba olukato n'abuuza mukazi we, wa gye yaggya olukato olwo. Bwe yamanya nga muto we Bumbuzzi ye yalugula, n'agenda alwana ne mutowe. Bumbuzzi yafumita mukulu we Lubaaale okugulu ne kulemala, olwo Lubaaale n'afuuka Wannema. Bumbuzzi bwe yatya kitaabwe Musisi, yadduka n'atwala n'amazzi mu kita okuva e Ssese asabolenga okwalula abaana be. Yaddukira Ssingi era we yassa ekita, kyayatika amazzi ne gafuuka ennyanja, n'ayalulanga abaana be. Lumu kitaawe yamuyita akomwewo, naye omwana n'agaana. Kitaawe kwe kumutumira n'amugamba nti, "Wamala okuzza omusango n'odduka, tolidda oligumaza mbiro?" Awo Bumbuzzi n'afuuka Wamala, n'ennyanja kyeva eyitibwa Wamala. Omusajja Wamala Oweηonge eyafuna erinnya eryo, yeyiya okukomaga we yabeeranga.

Ebibuga Ssuuna II bye yakuba; Wamala- wano waali wayitibwa Wamunyeenye, n'atuumwa wo Wamala ng'ajjukira ekifo gye yakulira.

### **30. SAYIDI MUKAABYA MUTEESA I WALUGEMBE LUKEBERWA KUTTAKULIMUUKI:**

Bannaalinnya be be ba Nabanaakulya, Baliraala ne Zikuzzoobuto Muggale. Ono yaddukira e Masanafu ne yekweka ng'aganyi okwagala mwannyina. Erya Muggale n'alisisira ne yetuuma Zikuzzoobuto. Nabanaakulya mwannyina yamutta ng'agaanyi okumwagala. Omulongo we ayitibwa Bakumba (Bakumba na balamu ne beerabira emizimu).

Ennyumba ye eyitibwa Muzibu-azaalamampanga. Ejjembe lye liyitibwa Manyonyi.

Bakatikkiro be, be baali Kayiira wa Mbogo, Kisomose wa Mmamba.

Mayanja wa Nkima(1861), Mulere wa Njovu ne Mukasa wa Musu(1874).

Bakadde be, be baali Ssuuna II ne Gwolyoka wa Njovu. Ono ye yagabibwa, n'aweebwab.

Abalunηaana ne bagenda naye, n'afumbirwa Kabaka e Lungujja.

Emyaka gye 1854-19.10.1884.

Amasiro ge gali Kasubi Nabulagala Kyaddondo.

Abazaana be; MSM Kiwanuka mu kitabo kye Muteesa of Uganda yalaga abazaana 84, era ng'alaga buli omu abaana be yazaala. Wano tulazeeko 18 :-

i) Abisaagi Baagalaayaze wa ηηonge. Yazaala Danyeri Basammula Mwanga II.

Abisaagi yali wa Namuηoona nga yekweka mu ηηonge, era mwannyina

Kalbwani mu Kikakanya e Kyaggwe kye yava oluvannyuma addizibwa

Obwassaabaganzi wa Mwanga.

- ii) Gwomujidde Kabejja teyazaala.
- iii) Kalingennyana wa Mbogo. Yazaala Kimera.
- iv) Kiribakka wa Mmamba. Yazaala Kiweewa Mutebi e Masanafu.
- v) Nnaabagereka Kaddulubaale wa Nvubu. Yazaala Nandawula.
- vi) Ndibuwaakaani wa Mmamba. Yazaala Kalema.
- vii) Lunkireribaze , yazaala Mawanda.
- viii) Kasana , yazaala Ndawula.
- ix) Kikome , yazaala Kayondo ne Nabweteme.
- x) Namakula wa Lugave. Yazaala Jjunju.
- xii) Muleba wa Nseenene. Yazaala Mutebi.
- xiii) Kiavu, yazaala Nassolo.
- xiv) Kabeebukasa , yazaala Nakalema.
- xv) Wakindowoleza , yazaala Muggale.
- xvi) Nagaddya wa Mmamba. Yazaala Nalumansi.
- xvii) Kubwayuna, yazaala Nakamaanya.
- xviii) Munakutiba, yazaala Mpologoma.

Yakulira Kasubi mu Kyaggwe. Bwe yalya Obwakabaka, yakuba Olubiri eNabulagala n'alutuuma Kasubi, ajjukirenga gye yakulira. Erinnya ly'enju ye, yagituma Muzibu-azaalamampanga. Lyava mabega eyo wala okujja okutuumibwa enju eyo.

Jajjaawe Kamaanya yali mukambwe nnyo olw'okutta ennyo abantu. Kye baava bamuyita "Omuzibu". Mutabani wa Kamaanya, Ssuuna, naye yali mukambwe nnyo era naye bwatylo n'aba "muzibu". Anti yatta Katikkiro eyakwata omusota mu bulago nga Kabaka ali mu bibbo. Bwe yava mu bibbo, baamulaga omusota nga gwezingiridde ku mukono, yalagira mangu omusota bagutte awamu ne Katikkiro, mbu kubanga yali mutemu asobola okutta Kabaka, olaba akwata omusota mu bulago!. Katikkiro Kayiira ye yatta omusota ogwo nga bali e Munyonyo. Naye Katikkiro teyattirwaho mangu. Baamala kumuggyga ku Bwakatikkiro, ne bamunyaga, n'alyoka afa obwezinge.

Ate mutabani wa Ssuuna Mukaabya Muteesa I, obukambwe yabutandika akyali muto nnyo. Basajja be baamuleetera omuwala eyali asinga ku Kabaka obukulu, era ebintu ne bitagenda bulungi. Bwe baafuluma, Kabaka n'alagira okutta omuwala kubanga yamulemesa, muli n'awulira ng'aswadde. Bwe baaleeta omuwala omulala, Kabaka n'abeera bulungi, n'asanyuka nnyo, era n'ategeeza basajja be nga bwe yali afuuse

"Empanga". Awo abantu kwe kugamba nti, "Omuzibu Ssuuna yazaala "empanga". Wano erinnya lino Muzibu-azaalampanga we liva.

Nnyina bwe yatwalibwa Abawalabu Abalunjaana ate nga mutabani alidde Obuganda, ne balonda Muganzirwazza muto wa nnyina okubeera Namasole. Kabaka ono yali mukambwe nnyo ku baganda be. Yabatta bona nga tayagala balye bwakabaka. Mbogo naye Obwakabaka teyabulya olw'ensonga nti yali asiramuse. Kyali kizira, Omuzungu okukkiriza omusiraamu ova omukatuliki okulya Obwakabaka wadde Obwakatikkiro. Omuzungu bwe yaleeta muno Obukulisitaayo, yafuba nnyo okyusa Muteesa okumuggyaa mu Busiraamu bwe yali asomye ennyo, nga n'okuwandiika Oluwarabu mukugu. Yali atuumiddwa erinnya ng'ayitiba Sayidi. Wano Omuzungu we yatandikira okukutulakutula mu Baganda ng'ayita mu ddiini nga bwe tunaalaba eyo mu maaso.

Ekiseera kyatuuka Mbogo ne bamuyita Kabaka w'Abasiraamu. Ekyaddirira kwe kumuwañangusa ne bamutwala e Zanzibar nga 10.7.1893, nga waakayita sabbiiti bbiri bukya Basiraamu bawangulwa (26.6.1893). Sir Apollo Kaggwa yakiraga nti Mbogo yaliko Kabaka (Bassekabaka Be Buganda ku lup. 155), kyokka teyamuwandiika, ng'eyaliko Kabaka, so nga Kiweewa ow'ennaku omwenda yamuwandiika. Kino yakikola n' Abazungu, okusobola okukomya Abasiraamu okulya Obwakabaka. Yadda kuno nga 26.6.1895 ng'Abasiraamu bamaze okubakkanya. Kyokka Abasiraamu baagenda mu maaaso okutwala Mbogo n'ennyumba ye, okubeera nga y'ekulembera Abasiraamu, si mu Buganda mwokka, wabula mu Yuganda yonna. Olunaku Mbogo lwe yadda lwali lukuzibwa e Kibuli buli mwaka, era nga lusomba Abasiraamu okuva wonna mu Yuganda. Kino kyayongera Abazungu okweraliikirira ennyo Mbogo, nti si kulwa ng'Omusiraamu alya Obwakabaka.

Lumu nga 25 Gatonnya (Janwali) 1905 George Wilson (Bwana Tayaali) yaggulawo ekisulo ky'essomero Mmengo Central School, ne bayita Omulangira Mbogo okujja nga balowooza nti tajje. Baawuniikirira bwe baafuna obubaka nti ne bw'anaabeera omuyi, waakiri banaamusitula busituzi ne bamuleeta. Obugambo bwe yayogera ku mukolo bwayongera okubeewuunyisa. Yabagamba nti, "Nneebaza Katonda ansobozesezza okubeerawo, era atusobozesezza okukola omukolo guno. Nneebaza abampise era nneebaza nnyo abakola emirimu gya Minsane, ng'okuzimba amasomero n'amalwalire

*ebigasa ennyo ensi yaffe*" (The Baganda at Home). Baali balowooza nti yali tasobola kujja nga balowooza nti yali tajja kukolagana na Bannaddiini balala abaamugaana okulya Obwakabaka.

Mbogo era baali bamweraliikirira nnyo olw'okulengera ewala. Yagaana Abasiraamu okuddamu okulwana, ng'atyia nti basobola okuggwaawo. Baali baawangulwa nga 26.6.1893, olunaku olwayitbwanga olunaku lw'Ekabula. Lwakuzibwanga buli mwaka okujjukira lwe baawangula Abasiraamu. Mbogo era yagaana Abasiraamu okutuumma amannya ag'ekisomi abiri, okutali ly a kika. Yamanya nti buli linnya wadde eggwiira lirina amakulu amakusike, nti n'olwekyo bwe beetuma amannya amagwira abiri, ne batta agaffe, baba basaanyovo Buganda, Abaganda bafuuke abagwira mu nsi yaabwe. Nti si nakindi Abagwira olwo baji kutwala ensi nga tewali kikyabaziyya. Yakuutira nnyo Abasiraamu okwagala ennyo Obwakabaka. Ebyo byawaliriza Katikkiro Sir Apollo Kaggwa ng'ali n'Abazungu okulwooza nti Mbogo yali akyasobola okulya Obwakabaka, era kye baava basala amagezi okuyisa etteeka eriziyiza Omulangira abadde ebweru wa Buganda okumala emyaka ebiri, obutakkirizibwa kulya Bwakabaka, mbu abeera takyamanyi nnono yaffe mu bujuvu. Egyo gy'emyaka ebiri Mbogo gye yamala mu buwañanguse.

Mukaabya naye yakoza ettambiro e Kyebando okuliraana e Kkanisa ya Bahai e Kanyanya. Yasima olunnya nga lugazi nnyo ate nga luwanvu nnyo okwetooloola ekibangirizi kinene, okufaana Katereke. Mu kibangirizi ekyo, mwe yagobera Abalangira n'Abambejja, ng'abayisa ku lutido. Bwe baamala okuyigira, ne baggyawo olutindo. Bonna ne bafa enjala. Bw'atylo bwe yatta baganda be ne bannyina bonna obutalekaawo, ng'abeeraliikirira okumuggyaa ku Bwakabaka. Ebyo byonna yabikolanga ku biragiyo bya Nnamasole Muganzirwazza. Yalekawo Mbogo yekka. Yye ekyamuwonya, kubanga Muteesa bwe yalya nga muto, bakulube bona (Abalangira n'Abambejja) baayagalaa okumuggyako, kyokka Mbogo n'abalemesa ng'abagamba nti:- "Mumuggyirako bwereere, kubanga ne bwe yandibadde mukulu, ku Namulondo tekutuwlako babiri". Abambejja nabo yabatta ng'abantu bamugambye nti:- "Abazungu Obwakabaka babuwa n'abakazi". Olw'ettambiro eryo e Kyebando okumalawo Abalangira n'Abambejja, Abayimbi kye baava bayimba nti:

"Ekimaze embuzi e Kyebando,  
Ssalambwa ly'e Wamala,

Buli evaayo liboija mu bbwa.  
Ekimaze embuzi ez'ekisibo,  
Ssalambwa ly'e Wamala,  
Buli evaayo liboija mu bbwa."

Yakola akasozi mu Lubiri lwe e Nabulagala kwe yayoteranga omusana. Yasinziiranga ku kasozi ako, n'alengera nnyina ng'ajja okuva e Kazo. Bwe yatuukanga n'amugamba nti, "Maama nakulabye ng'ojja". Awo we waava erinnya Naakulabye". N'akasozi ako mu masiro e Kasubi mwekali, kayitibwa Nnaakulabye. Yalina oluzzi Nabisasiro mwe yanywanga amazzi. Yakola akatale k'abasajja be n'akatumma "Munakweyeegulira." (Amakulu nti omunaku eyeegulira, y'alya akawera). Akatale kano kakyaliwo e Kasubi Nabulagala. Yagoba Wavvuvuumira ku Bwassekayiba olw'okutonera mwannyina Omuzaana

Nanzigu olubugo olw'ennenge olwambalwa abasajja. Sikulwa nga ekikolwa ekyo kiwigira mwannyina okufuna embugo okuva mu basajja abalala.

Mu 1861 nga Mayanja ye Katikkiro, Abazungu Speke ne Grant bajja e Bbanda ne batonera Muteesa emmundu 17 era yazituuma erinnya lya "Sepiiki". Zino z'emmundu ezaatufukira omuteego nga zikozesebea okusaanyaawo Obuganda, n'olvannyuma ne zimaamira Yuganda yonna. Omuzungu ng'agaziya Obuganda, yalumba Bunyolo ne Buluuli, abaali bamulemesezza okumaamira ensi yaffe. Nañjoma yalumba mangu Kabaleega alabule Muteesa bagobe Abazungu abaali bajja okulya e nsi yaffe, nokusaanyaawo eby'obuwangwa bwaffe. Muteesa ne Kabaleega tebakiriza, era beegatta okulwanyisa Nañjoma nga bamaze okukwana Abazungu. Abazungu bwe baalwanyisa Nañjoma, ne bagabana Obuluuli bwe ng'adduse. Abazungu Obuluuli bwa Nañjoma bwe batyo ne babuganyaamu wakati wa Buganda ne Bunyolo. Mu 1896 ku mulembe gwa Mwanga, Obuluuli bwakutulwamu nga bukulemberwa Semeyi Lwakirenzi Kakungulu, era ye yagoba Obwakimbugwe e Buluuli ewa Nañjoma olw'obusomi obwali bumaze okuyingira mu Baganda. Ekitundu Buganda kye yatwala, kyafuulibwa essaza ly'e Buluuli nga 9.5.1898. Ekitundu ekyatwalibwa Bunyolo, kyafuuka Masindi Buluuli okusobola okukyawula ku kitundu ekyadda e Buganda. Kakungulu bwe yavaayo n'agenda e Bugerere, Andereya Luwandagga n'afuuka Owessaza. Yasigala ayitibwa Kimbugwe mu linnya, naye nga takyakongojja Mulongo Kinembe owa Kintu.

N'okutuusa kati, Obwanañjoma n'Obwakimbugwe tebiddanga Buluuli, wadde nga kimanyiddwa buli omu nti Obuluuli bwa Nañjoma.

Muteesa I yakuba ebibuga; Mukono, Nakatema, Bbanda, Nabulagala (Kasubi) ne Lubaga.

### 31. MWANGA II DANYERI BASAMMULA BUTAGALI:

Nnaalinnya we ye Zalwango Mpologoma.

Omulongo we ayitibwa Lumansi.

Ennyumba ye eyitibwa Muzibwazaalampanga.

Ejjembe lye liyitibwa Kasubi.

Bakatikkiro be, be baali Mukasa wa Musu, ne Mugulumwa wa Njovu,

Apollo Kaggwa wa Nseenene.

Bakadde be, be baali Muteesa I ne Abisagi Baagalaayaze wa Njonge.

Emyaka gye 24.10.1884 - 2.8.1888; 11.10.1889 - 6.7.1897.

Amasiro ge gali Kasubi Nabulagala mu Kyaddondo.

Abazaana be, be ba:-

- i) Damali Nanjobe Baliira wa Njovu. Yazaala Kagolo.
- ii) Dolosi Mwanoomu Bakazikubaawo wa Ngabi. Teyazaala.
- iii) Esiteera Nabunnya wa Ngeye. Yazaala Yusufu Ssuuna Kiweewa.
- iv) Evalini Kulabako Maasombira Omusubika wa Ngabi. Yazaala Dawudi Ccwa.
- v) Looyi Lozi Nakibuuka Kaddulubaale wa, Mmamba. Teyazaala.
- vi) Loza Nantume, wa Mbogo. Yazaala Nakibinge Bamweyan Ntengeekaawa e Namulanda, Busunju, Ssingi. Ye yali Kiweewa.

Erya Ntengeekaawa yalimutuuma lwa kukuba kitaawe ekigwo nga bazannya omuzannyo gw'ekigwo.

Ye yasimisa ennyanja ya Kabaka mu lusenyi Nsike. Mu Muwakanya (Agusito) olatalo Iw'Abasiraamu Iwabalukawo n'adduka ku Bwakabaka. Yaddako nga 11.10.1889 okutuusa 6.7.1897. Mwanga bwe yaddako omulundi ogwokubiri, kwe yalondera Apollo Kaggwa okulya Obwakatikkiro(1889).

Mwanga yakwatibwa Abazungu nga bayambibwako Abakungu nga 9.4.1899. Omusajja ayitibwa Bakulembeze ng'aduumirwa Kimbugwe ye yakwata Mwanga. Ate Semeeyi Kakungulu ye yakwata Kabaleega. Baabkwata ku lunaku lwe lumu mu kifo ekiyitibwa Kyakwala mu Bukedi. Kabaleega baamukuba omukono ne bagumenya. Baabaleeta e Kampala nga batambuza bigere era baatambula nga bagenda basula mu bifo bino: Kyakwala-Kikabukabu-Kaga-Makitwe-Mukyula, awo ne basaabala Kyoga ne bagguka e Kisaalizi. Okusinziira ku Sir Apollo Kaggwa, wano we baava nga 3 Maayi 1899 ne bagenda e Kirinda-Wabigagi-Kaamuwanula-Kirwazza-Kalagala-Kiteezi-Kampala. Eryo ly'ekkubo, lye baayitanga Kyamuwangaaza. Baabatuusa e Kampala nga 11 Maayi. Katikkiro yasaba Abazungu, Mbogo n'Abalangira abalala n'Abambejja, balabe ku Mwanga era ne bakkiriza. Kyokka olwavaawo ku olwo nga 11.5.1899, Abazungu ne babatwala e Busaabala ne babawaŋŋangusa okubatawala e Sesere, eyo Mwanga gye yaseerera nga 8.5.1903. Baasooka kusirika ne batakuba ku Mujagozo kulanga nti Kabaka tebakyasobola kwekalakaasa, oba okuleeta mitawaana mirala gyonna, ne balyoka bazza enjole ye nga 2.8.1910, era enkeera nga 3.8.1910 ne bamutereka e Kasubi ku kitaawe awatali kulwawo. Baamuzza ng'akyali wamu ng'alinga eyeebase. Ate Kaabaleega engeri gy'ataafuna bujanjabi mangu ng'amaze okukubwa omukono, yeeyongera okulwala ne gutana ne guvaako. Baamuzza mu 1925 ne bamugaana okudda mu nsi ye, ne bamukumira e Mpummudde e Jinja ng'alina omukono gumu.

Wadde nga Sir Apollo Kaggwa yagamba nti Mwanga yaseerera lwa bulwadde ng'azimbye omubiri gwonna, Abaganda tebakkiriza nti Mwanga yazaama lwa bulwadde. Anti Abazungu n'Abakungu baali beeralikirira Mwanga nga bamanyi nti Abaganda tebakkiriza kusikiza muntu ng'akyali mulamu. Ate nga Mwanga ye yali amaze okubajeemera, nga baagala kussaawo mulala gwe banaakozesa kye baagala. Kye baalina okukola, kwe kuggyawo Mwanga. Abaamuwaŋŋaangusa Abangereza, tebaggyibwangako lukongoolo nti be baasala amagezi agaatuttira bbaffe ono. Era bwe yakisa omukono baalwawo nnyo okizza enjole ye. N'olunaku lwe yaseerera tebaamubika, era okuggyako Apollo Kaggwa, Abazungu tebaaluwandiikako nnyo mu bitabo byabwe, nga kiringa ekiraga nti tebaalumanya. Kyokka ekyokusaalirwa Abakungu baffe baakozesebwu nnyo. Be bamu abaalonda Dawudi Ccwa nga wa mwaka gumu okusikira kitaawe, ate olwamala okutereka Mwanga ne baleeta Ccwa n'abikka akabugo, ne baabya oolumbe era ne bamusumika, ne bamulaga abantu nti, "Ono kati ye Kabaka wammwe asikidde Mwanga. Ne bamutwala mu Kkanisa ne bamusabira, ne bamuteekako omulundi ogwokubiri!"

Ebibuga Mwanga II bye yakuba; Ebiseera bye byonna yali mu ntalo, era yawaŋŋangusibwa n'azaamira ebweru wa Buganda.

### 32. KIWEWA MUTEBI:

Nnaalinnya we ye Ndagire.

Omulongo we ayitibwa Lukungo.

Ennyumba ye eyitibwa Bunnyabukadde.

Ejjembe lye liyitibwa Manyonyi.

Bakatikkiro be, be baali Henule Nyonyintono, wa Ndiga ne Mugulumu, wa Njovu.

Bakadde be, be baali Muteesa I ne Kiribakka, wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu, 2.8.1888-12.10.1888. Yamalako ennaku 72.

Amasiro ge gali Masanfu mu Kyaddondo.

Abazaana be, be ba: -

- i) Baliira wa ηηonge. Yazaala Mazzi.
- ii) Butema wa Nkima. Yazaala Siriibwa ne Walulyo.
- iii) Kaaja wa Nseenene. Yazaala Kibuuka.
- iv) Laazaaliya wa Ngabi. Yazaala Nabadda.
- v) Lulaba wa Lugave. Yazaala Muyinda ne Nassiwa.
- vi) Namubiru wa Mmamba. Yazaala Gusite Tebandeke.
- vii) Namuli wa Mpindi. Yazaala Lulaba ne Kagunuya.
- viii) Namusoke wa Nvuma. Yazaala Lukongwa ne Kiwanuka Walulyo.
- ix) Nambajjwe wa Mmamba. Yazaala Gulibagwira.
- x) Nambi wa Mmamba. Yazaala Ssekamaanya ne Namulinzi.
- xi) Nambi wa Ngabi. Yazaala Mwanga.
- xii) Tebalyewa wa Ngabi. Yazaala Kagere, Ccwa ne Ngeza.
- xiii) Teyasingira wa Mmamba. Yazaala Namulenzi.
- xiv) Wandeeta wa ηηonge. Yazaala Namikka ne Namusisi.
- xv) Zandaba wa Mmamba. Yazaala Nassiwa.

Ebibuga bye yakuba-Masanfu, Bunnamwaya.

### 33. KALEMA RASHID:

Nnaalinnya we ye Bitissaali Zansanze Kaamuwanda.

Omulongo we ayitibwa Gguluddene.

Ennyumba ye eyitibwa Bukulu.

Ejjembe lye liyitibwa Kisitu.

Katikkiro we, ye yali Mugulumwa wa Njovu.

Bakadde be, be baali Muteesa I ne Ndibubaakaani wa Mmamba.

Emyaka gye yafugiramu, 12.10.1888-11.10.1889. Yamalako omwaka gumu gwokka.

Wadde era yamalako onwaka gumu, yaleka ebyafaayo bwe yazimba ekkomera e Katereke.

Amasiro ge gali Mmende mu Busiro.

Abazaana be ba:-

i) Sofiya Kabakalongoosa wa Nkima. Yazaala Besemerisi Ddimbwe.

ii) Maliya Nabikukuizi wa Nkima. Yazaala Zzimbe ne Alamanzani Ndawula

iii) Veroneka Nabiwemba wa Ndiga. Yazaala Maliya Kaamuwanda Batindirakibaze.

iv) Jozefina Nnampa Nabibonge wa Nseenene. Yazaala Yozefu Musanje.

Yatta Katikkiro Mukasa Iwa kutolosa Mulangira Bamweyanwa okuva e Katereke  
(Nakatema). Bwe baakwata Omulangira gwe yali atolosa, bombi ne babatta.

Okufaanana Kyabagg, Kalema naye yalaba Omusambwa Katyonsanze wali e Muzinda mu Ggombolola y'e Nsangi. Ye okugulu teyakutema, anti ebyafaayo yali abimanyi. Nawo waliwo akabira Katyonsanze. Wano Kalema we yakola ekkomera mwe yasibiranga Abalangira mu 1888. Mwafiramu Abalangira bangi nnyo nga Kalema afuba okulanga tewasigala Mulangira kumuggyia ku Bwakabaka. Ekkomera lino Katereke, lye lyasooka mu Afrika ey'ebuvanjuba.

Entalo bwe zaanyinnyittira, Kalema yaddukira Bunyolo e Kibulala mu Kijungute era eyo gye yaseererera oluvannyuma lw'okulwala Kawaali mu Apuli 1890, nga yaakamalayo emyezi esatu. Kyabasinga Nuhu Mbogo yamizza n'amutereka e Mmende, oluvannyuma lw'emyaka 20. Mbogo teyeetaba mu kutereka, anti naye yali takkirizibwa kutereka. Be yatumwa baasooka kumutereka ku masomero e Mmende. Yaloosa Mbogo nti, "Ggwe wansiramula ate n'ontereka ng'atali musiraamu!" Baddamu ne baamuggyayo gye baali baamutereka, ne bamuggyia mu mbugo, ne bamunaaza, nga taliiko kamogu wadde oluviiri

okuvaako, nga yenna mulamba, ng'akyawunya akaloosa kangi nnyo, n'atererekwa mu ssanda w'ali kati.

Mwanga II yadda ku Namulondo omulundi ogwokubiri nga 11.10.1889, nga bamaze okuggyako Kalema, era n'alonda Apollo Kaggwa ku bwa Katikkiro. Kyokka Mwanga bwe yajeema ng'alaba Abazungu bamaliridde okulya ensi ye, Abakungu beetaba n'Abazungu ne bamukwata, Eyo gye yaseererera mu buwaqanguse nga 8.5.1903 mu bizinga bye Sesere (Seychelles). Eyo Abaganda gye baayitanga e Lunguja, mwe babbula ekifo kyakuno abagwira bano we baasooka okubeera.

### 34. DAWUDI CCWA II:

Nnaalinnya we ye Kaamuwanda Batindira.

Omulongo we ayitibwa Bakyawa.

Ennyumba ye eyitibwa Muzibwazaalampanga.

Ejjembe lye liyitibwa Kasaja.

Bassaabalangira be baali Kabuga ne Gomotoka.

Bakatikkiro be, be baali Sir Apollo Kaggwa, wa Nseenene, Tefero

Kisosonkole wa Nkima, Nsibirwa wa Nvuma ne Wamala Samwiri Sebagereka wa Mmamba.

Bakadde be, be baali Mwanga II ne Evalini Kulabako Maasombira wa Ngabi.

Emyaka gye, yazaalibwa 8.8.1897, n'asika nga wa mwaka gumu, n'ennaku mukaaga, nga 14.8.1898-22.11.1939.

Amasiro ge gali Kasubi Nabulagala Kyaddondo.

Abazaana be, be ba:-

i) Namubiru wa Mmamba. Yazaala Mawanda. Bombi bakyaliwo

ii) Namukasa wa Ngabi Yazaala Lincoln Ndawula.

iii) Nakitto wa Ngeye. Yazaala Omumbeija Mpologoma.

iv) Irene Dulusira Namaganda wa Nte. Yazaala Omumbeija Lwantale (Nassolo), ne Muteesa II. Namasole bwe yafumbirwa Rev. Kigozi, yazaala omwana omulenzi Kangavve. Ekyo mu Buganda kizira. Kabaka te bamuzzaako, ate nga olaba tebaamuzzaako Mulangira! Ekyo kye kyamuzikisa ku Kkanisa e Namirembe ng'owabulijjo, ng'agobedda ku Bwannamasole.

v) Yudesi Mbakebuse wa Mmamba. Teyazaala. Ono yali senga wa muwandii w'ekitabo kino.

- vi) Nakasolya wa Ngabi. Yazaala Jjuuko, Lumaama, Kimbugwe,  
Muggale muka Kitaka, ne Mazzi.
- vii) Nabankema wa Musu. Yazaala Tebandeke ne Nabweteme ne Nakalema.
- viii) Lunkuse wa ηonge yazaala Omulangira Ssimbwa.

Yalya wa mwaka gumu nga 14.8.1898 nga bawañangusizza kitaawe, eyajeemera Abazungu nga 6.7.1897. Major Ternan Balozi, ng'atuula Nakasero, ng'akolagana n'Abakungu ba Kabaka ye yalagira nti Dawudi Ccwa agende alye Obwakabaka. Abazungu baalonda Sir Apollo Kaggwa, Stanslas Mugwanya ne Zaakaliya Kizito Kisingiri okubeera ba Rigenti bafuge Obuganda ng'omwana bw'akula. Baakolera Omuzungu omulimu gw'amaanyi nnyo, era baabasiima nnyo! Kye baava bafuna ebitiibwa n'ebiyobugagga bingi nnyo. Ccwa yakisa omukono nga 22.11.1939 e Lukuli ewa Namasole. Naye kigambibwa nti baamutega butwa, bwe bwavaako kalunsambulira.

Mu 1926 Tefero Kisosonkole ye yali Katikkiro ng'adda mu kifo kya Sir. Apollo Kaggwa eyawummula mu mwaka ogwo. Mu 1927 Kabaka Dawudi Ccwa ng'abeera Munyonyo, eyo gye yali awulirira emirembe, nga yeesudde akabanga ne Mmengo. Eyo kwe kutuumayo SALAAMA, amakulu nti Mirembe. Olukiiko nga lumaze okulaba nga lutawaana nnyo okufuna Kabaka, Iwatuula ne lusalawo Kabaka akomewo e Mmengo Gavana w'anaamulabiranga amangu. Martin Luther Nsibirwa mu kiseera ekyo nga wa Ssaza Mukwenda, era nga mubaka wa Lukiiko. Era okufaanana mukamaawe Kabaka, ekiteeso teyakyagala. Yadduka za mbwa n'abifuuwa Kabaka nga Katikkiro Kisosonkole n'olukiiko bwe bamuliddemu olukwe ne basalawo ye Kabaka kye yali tayagala, ate nga ne Gavana baali baamuwaddeko dda kkopi y'ekiteeso. Kabaka yayita Katikkiro nga tannajja na kwogera bibadde mu lukiiko. Kabaka n'ayomba. Katikkiro n'anyiiga, n'asabz alekulire era ne bamukkiriza, n'ebbaluwa eyamala omulimu yagiwandiikira awo. Kabaka n'awandiikira Gavana nga Katikkiro bw'alekulidde olw'obulwadde. Kabaka bwe yadda e Mmengo ng'ekiteeso bwe kyayisibwa, yalonda Nsibirwa okulya Obwakatikkiro.

Kabaka bwe yakisa omukono, Namasole Irene Drussilla Namaganda n'ayagala okufumbirwa Rev. Kigozi. Olukiiko n'Obuganda ne bigaana kubanga kiri mu mpisa ya nsi nti Namasole tafumbirwa era ku Kabaka tebazzako mwana mulala. Namasole naye yagaana okugondera empisa y'ensi, ne yeekubira enduulu ewa Katikkiro. Yabuza katikkiro nti senga ye Namasole ye yali afudde, Kabaka teyandiwayidde? Katikkiro ekyo kyamulema okuddamu, era bw'atyo n'akkiriza Namasole okutunjiwa. Anti

olw'obusomi n'Omulembe Omuzungu, Katikkiro naye yali asudde empisa y'ensi, era awo yali amanyi nti ye yalina obuyinza obusembayo era obusalawo. Haamu Mukasa Ssekiboobo ye yali Kalabaalaba w'omugole Rev. Kigozi, so ng'ate era y'omu Haamu Mukasa ye yali Kalabaalaba wa Kabaka Dawudi Ccwa ng'awayira omuntu y'omu oyo Irene Drussilla Namaganda.

Obuganda bwanyiiga, n'Olukiiko nalwo Iwanyiiga nnyo era ne lugoba Irene ku Bwanamasole ne balonda muto we Natoolo nga naye muwala wa Rev. Kayizzi n'afuuka Namasole. Natoolo linnya lya Bangabi naye okuva ku olwo n'Abente baatandika okulituma. Tukyalemeddwa okutereesa ensonga, kubanga na kati ye Namasole akyali e Lusaka akyakuba Kuzaalakuzibu, so nga waalibaddeyo mulala. Katikkiro ne Ssekiboobo nabo baabagoba. Ne balonda Wamala ku Bwakatikkiro, ate Ssekiboobo ne bamusibira mu maka ge e Ngogwe obutaddyo kutambula kusukka mayiro 40 kujja Kampala. Katikkiro Wamala bwe yafa, Nsibirwa n'alumba Kabaka Muteesa II n'amugamba nti bw'azzibwa ku Bwakatikkiro yali asobola okuzza Namasole yennyini Irene e Lusaka. Kabaka

naye yakkiriza era n'azza Nsibirwa ku Bwakatikkiro. Naye Obuganda bwali bwamala dda okuniiga ennyo era nga bwagaana dda okusonyiwa Namasole ne Nsibirwa. Naye nga abantu tebasobola kugaana oba okuwakanya Kabaka okuzza Nsibirwa ku Bwakatikkiro, baasalawo okusirika. Ate era nga y'omu Nsibirwa mu kitudu kye ekyokubiri, yagaba ettaka olw'empaka ng'olukiiko lugaanyi, ne bazimbako University of East Africa wali e Nyanjeeradde awaafuuka Makeerere era awali University. Nsibirwa yagaana abaana ba Buganda okugenda okusomera ebweru wa Buganda. Anti Abazungu University baali bagitwala Kenya, ssinga Buganda yali ebammye ettaka okugizimbako. Kyo kino kyali kirungi, wadde Abaganda mu kiseera ekyo bo tebaakiraba era tebaakyagala.

Nsibirwa yali akyayiia okuzza Namasole, ne bamukuba emmundu e Namirembe ku makya nga 5.9.1945 ng'akedde okusaba ng'empisa ye bwe yali. Ekitundu ekisooka kye yafugira, kyali kya myaka 13 ate ekyokubiri kya myaka 3. Bwe baatwala omulambo gwe e Mulago okugulongoosa, Esperito Ndugga y'omu ku basawo abaasumulula omulambo. Bwe baagusumulula, baagusangako ensiriba ennene, eyali mu lubugo nga baagitungisa buso. Abantu balowooza nti eryo ly'ejjembe lye eryamumaamiza Obuganda okudda ku Bwakatikkiro emirundi ebiri. Ejjembe eryo baalituma Ssegantebuka Mbamaamidde. Omuyimbi ekyo olwamugwa mu matu, lwe lwamala, ng'aleega nkoba ze kukuba nnyimba nti:-

1. "Ejjembe lye ekkulu Ssegantebuka Mbamaamidde,  
Teryamulimba nti okusoma ogendanga mu ttuntu tewali musango.  
Nti bwoligenda ku nkya balikusiba mu ttu ng'entula.  
Ye bambi yakeeranga bukeezi okusoma,  
Essasi eryajja n'obusungu, lye lyamukuba ekigwo obugazi,  
Oswadde nnyo okulimba Kabaka n'Obuganda,  
Nti olizza Namasole, ate Namasole n'akulema okupanga."
2. "Omusango gwasinga Katikkiro.....  
Ate ye Namasole baamuyimba nti,
3. "Amaddu g'abakyala Irene yalya ekibe,  
Baakibaabuza ssanja emmuli zaabula,  
Yandiridde ku mbuzi ze n'atalya kibe,  
Katikkiro Nsibirwa ye yakikuba,  
Baakibaabuza ssanja emmuli zaabula,  
Baakifumba mu kiro ng'abantu beebase"
4. "Ssenkattuuka eyali Dereeva mu Gayire anda Lobatisi yeyayaniriza Katikkiro Nsibirwa ku  
Wankaaki w'ekkanisa, essasi bwe lyavuga yadduka. Baamukwatira wa Bakuli ng'adduka  
omuwawa, ne bamusiba era ne bamuttaba olw'okwetaba mu lukwe olwatta Katikkiro.  
Oluvannyuma kyazuuka nga waaliwo akakazi akakadde erinnya lyako Asabaaweebwa  
akaali kalima, kaalaba Omuzungu ng'akka okuva ku muti, n'adduka mu kabuuti. Omuzungu  
yategeerekeka nti ye yali Kulege (Creg). Akakadde baakagana okuddamu okubyogera,  
era n'Omuzungu amangu ago n'alinnya ennyonyi n'addayo e Bungereza. Nsibirwa  
baamukuba amasasi ataano (5) era gonna gaamukwata. Ate yali ayimiridde ne Ssenkattuuka  
kyokka ne bateebako omu. Kino kiraga ng'omuteebi yali amanyi nnyo sabbaawa, ate  
nga mu kissera ekkyo tewaaliwo muddugavu amanyi kukuba mundu kutuuka awo. Kino  
kyayongera okukakasa nga Ssenkattuuka si ye yatta; ate oba nga ye yali ayogera ne  
Nsibirwa!  
Kino bwe baakimanya, Omuyimbi kwe kuyimba nti,  
"Ssenkattuuka singa baasiba musibe, singa tuwoza  
Omusaja baamulanga bwereere teyatemula"

abantu abamu balowooza nti Katikkiro Nsibirwa Munyala si Muganda, ekintu ekitali kituufu, ekikiyamu ennyo. Nsibirwa Muganda wa Nvuma asibuka Ssesee ewa Ssewaddidde e Bubembe. Ssewaddidde okudduka okuva e Ssesee, yamala kuzza musango.

Lumu yayita emmanju wa Mukasa. Bwe yabuuzibwa nti "Lwaki okoze ekkyo?", yaddamu nti "Lwabaana kye nvudde mpita emmanju nga noonya ekyokulya". Mukasa yagamba Ssewaddidde nti, "Okuva leero onottanga ebyennyanya okusinga abalala, era on'oyitibwanga Basambi" (Ssemuvubi mu Luganda olutali Lusese). Kyokka yamugaana okwogera gy'aggye omukono oguvuba. Mukoddomi we bwe yawulira nga Ssewaddidde si muvubi mulwadde, yagenda amuwe ku ddagala. Ssewaddidde bwe yagaana okumubaalira, mukazi we n'asiba anobe agende ne mwannyina, kubanga yali tayagala mukoddomi we.

Wano Ssewaddidde we yagambira mukoddomi we nti "Omukisa naguggya wa Mukasa, naye muko tonzitanga n'oyogera". Ekiro Mukasa n'alumba Ssewaddidde nti, "Basambi, nakugamba ntya? Obudde okukya ng'oyamuse ekizinga" Ssewaddidde bwe yava e Ssesee, yaddukira Natteta, eyo gye yazzukuliza Nsibirwa Katikkiro. Nsibirwa nga Katikkiro, yayagala okulambula ku kiggwa kya Mukasa, so nga baagobwayo dda. Ate teyagenda kwetonda, wabula okulaba gy'asibuka. Olwadda eno, yakubwa ssasi. Awo abawanuuizi ne bagamba nti ekkyo nakyo osanga kyamuleetera okufa.

Ebibuga Ccwa II bye yakuba- Ssalaama, Mmengo.

### 35. EDWARD FREDRICK WALUGEMBE MUTEBI

#### MUTEESAII:

Bannaalinnya be ba Lwantale ne Nakabiri Elizabeesi.

Omulongo we ayitibwa Musajjatawutta.

Ennyumba ye eyitibwa Muzibwazaalampanga.

Ejjembe lye liyitibwa Siimuunne.

Bassaabalangira be baali Kayima e Kkaaliiti, Kayima Mpadiwa, Lukongwa ne Kayima. Bakatikkiro be, be baali Wamala wa Mmamba, Nsibirwa wa Nvuma, Mikayiri Kawalya Kaggwa mutabani wa Sir Apollo wa Nseenene, Pawulo Kavuma wa Ngo, Mikayiri Kintu wa Ngo ne Jowaasi Mayanja Nkangi wa Mutima.

Bakadde be, be baali Dawudi Ccwa II ne Irene Drussila Namaganda wa Nte. Abengabi

bamukaayanira era bagamba nti Rev. Kayizzi yafuuka kitaawe lwa kumutwala Gayaza okusoma. Kabaka bwe yamulonda okumuwasa, Rev. yali takyayinza kukyusa kyama ekyo. Kyokka Natoolo eyadda mu bigere bya Namasole ye mwana wa Rev. Kayizzi ggeregere.

Emyaka gye yafugira 22.11.1939-19.11.1969. Yazaalibwa 11.11.1924. Yasabirwa mu Kkanisa e Buddo so si Nagalabi mu 1940. Yalayizibwa n'attuzibwa ku Namulondo nga 19.11.1942, omwaka gwe yaviira e Buddo. Yaggya omukono mu ngabo nga 19.11.1969 e Bungereza nga wa myaka 45. Naye baamuwa butwa.

Amasiro ge gali Kasubi Nabulagala Kyaddondo.

Abazaana be, be ba:-

- i) Damali Kisosonkole wa Nkima. Yazaala Dorosi Nnaamukaabya Nassolo ne Katabaazi, ne Henry Kalemeera.
- ii) Sarah Kisosonkole wa Nkima. Yazaala Ronald Muwenda Mutebi, ne Richard Walugembe Bamweyan. Damali ne Sarah baaluganda, baana ba Ssekkuuma Kisosonkole.
- iii) Keeti Kamulegeya, wa Nkima. Yazaala Sarah Kagere ne Agnesi Nabologa.
- iv) Catherine Karungu, Munankole. Yazaala Dayana Teyeggala.
- v) Winnie Keyihangwe, Mumbejja wa Nkole. Yazaala David Kintu Wasaja.
- vi) Eseza Nambi wa Mmammba. Yazaala Kimera Mutebi Boogere ne Zaalwango Stiva.
- vii) Lukanyamagulu wa Mpeewo Yazaala Katereggaa Habati.
- viii) Eseza Bummenya yazaala Alice Zaalwango, Patrick Nakibinge ne Fred Ssuuna. Yazaala Mpologoma
- ix)
- x) Kagodo yazaala Naabanaakulya
- x1) Omumbejja w'e Tooro Kaako Rwanchwende yazaala Dinah Kigga Mukalukidi
- x2) Omutooro Nesta Rugumayo, yazaala Robert Kiweewa, ne Kimera Masamba
- x3) Lubuga yazaala George Ggolooba
- x4) yazaala Masembe
- xv) Eriyosi Nalwoga wa Mmamba, yazaala George Micheal Ndawula.

Muteesa yalya Obwakabaka nga 22.11.1939 ng'akyasoma Buddo nga wa myaka 15. Baalonda ba Lejenti basatu Martin Luther Nsibirwa, Katikkiro, Lawuli Kiwanuka, Mulamuzi, ne Serwano Woofunira Kkulubya, Omuwanika. Oluvannuma Kawalya Kaggwa yalya Obwakatikkiro era naye n'afuulibwa Lejenti okuva 1945 okutuuka 1948.

Kabaka yagenda okusoma e Bungereza n'aleka ba Lejenti nga be bafuga. Yakomowo okuva e Bungereza mu 1949, awo n'atandika okufuga Obwakabaka bwe obutereevo.

Mikayiri Kawalya Kaggwa yasooka kubeera mu Ggombolola ya Mukiise e Bukakata Buddu, nga ye Mukiise. Yazaala omwana omulenzi mu mukyala atali wa mpeta. Olw'obusomi teyakkiriza mukyala oyo kweraga nti yali amulinako ensonga. Era omwana oyo teyamuleeta mu maka ge kubeera na baana ba mukyala wa mpeta. Yagulira mutabani we oyo ettaka mayiro bbiri, era n'amugamba nti eby'obugagga bwe byonna yali abimuwalde nti era taddangayo kumulaba ewuwe mu baana be. Ekyo kyanyiiza nnyo abantu okweyisa ekizungu. Omwana we bwe yafa, Kawalya mayiro yaziwa omukyala eyali nnyina w'omwana.

Bwe yalya Obwakatikkiro, Kawalya Kaggwa n'agenda ewa Gavana. Bwe yatuuka eyo, yasabayo kuwa Buganda mazzi na ttaala. Kino era nakyo kyanyiiza nnyo Abaganda, nti, "Yalema okusabayo mayiro zaffe akenda ez'ettaka eryanyagibwa Omuzungu, ate n'asaba ebuntu bye twali tulina!". Olw'obukyayi bwe yali amaze okufuna mu bantu, baamuvumanga nnyo, era naye n'asibanga abo abaamuvumanga. Bwe yava ku Bwakatikkiro, abantu bassa ekikkoowe, kyokka abantu ne basigala nga bamulinako ekiruyi. Abazungu baamuwa omulimu gwa kukulira ekitongole ky'amasannyalaze ge yasaba asobole okubunyisa ettaala mu kibuga. Wano omuyimbi we yamulengerera n'amuyimba ng'amulaga obukyayi Abaganda bwe baali bamulinako nti:-

"Kawalya yali asiba abantu kaakano asiba ttaala.

Katonda atuyambe aleme kuzaala baana,

Bw'abeera azadde, abaana be bagaane okusoma,

Bwe babeera basomye, waakiri balwale envunza,

Abo abatasomye kale balwale ekyeyago.

Bw'alima ebijanjaalo bigaane okumera,

Bwe biba bimeze birwale Muwempe".

Abamu baagamba nti ebikolimo ebyo, bye byalondoola Kawalya, kubanga n'omusika we baamwokera mu motoka ye ku mulembe gwa Idi Amini.

Obutafaanana kitaawe, Muteesa yagaana okussa omukono gwe ku kiwandiiko ky'ateetabaamu kukola, ekyo kye kyamuleetera omutawaana. Olutalo lwa Muteesa luno Iwatandikira ku kijjulo ky'amatikkira ga Queen nga 2.6.1953 mu East African Dinner Club,

Omukulu w'Amatwale Oliver Lyttelton bwe yakyatula nti bagenda kugatta ensi za East Africa ebeere ensi emu. Muteesa bwe yadda kuno nga 10.7.1953, yasanga abantu bamulinze nga bona bawakanya ebigambo ebyo. Nga 6.8.1953 Muteesa yawandiikira Colonial Secretary, nga Gavana amuwaddeko kkoppi, ng'amulaga ekyeraliikiriza Buganda:-

- i) Mu 1948 East African High Commission yatondebwano ng'Olukiiko terutegeezebbwa.
- ii) Nyasaland yakakibwa mu Federation nga tebagyeyagalira.

Muteesa yamaliriza ebbaluwa ye nti, "N'olwekyo ffe obutafuna bizibu ebyo, twagalal olunaku lw'okwefuga lulondebw, naye nga tukolagana na Forein Office gye twakola nayo endagaano eya 1900, so si Colonial Office gye twawalirizibwa okudda mu 1902. Ffe tetubangako Colony".

Oliver Lyttelton bwe yafuna ebbaluwa eyo, yayagala okujja asisinkane Kabaka n'Olukiiko, Gavana n'amugaana. Ye Gavana ye yagenda e Bungereza. Yadda na kirowoozo kya Unitary Gavumenti, anti baallowooza nti Buganda w'etuisse eyagala kwekutula ku Uganda. Gavana yayita Muteesa nga 10.8.1953 bateese ku nsonge ezo. Muteesa yagaaana okukkiriza ebya Gavana. Gavana yagamba Muteesa nti, "Bw'otakkiriza byange ojja kugenda". Ko Muteesa nti, "Bwe wabeerawo agenda, aija kubeera 'ggwe'. Empaka zaagenda mu maaso okutuusa mu mwezi gwa Museenene nga 30, 1953 Muteesa bwe yagamba Gavana Sir Andrew Cohen mu bukambwe Cohen bw'atalabangako, nga n'emitaafu gimujjude mu kyenyi nti,

"Tekiyinzika nze okuteeka omukono gwange ku kiwandiiko ekyo; naaba neegobye nzekka ku bantu bange. Naaba neegobye nzekka ku Bwakabaka. Era naaba sikoledde ku Demokulaasi. Ye Endagaano ya 1900 terikyukako? Endagaano yaakamala emyaka 50, era eteekwa okukyukako! Mwe mwagala mufuzi akkiriza obukkiriza buli kaseera? Omwo temulabamu kabi ak'obutaba mwesimbu?".

Kijjukirwe nti endagaano 1900 yakolebwa Kabaka Ccwa nga akyali muto, era teyissaako mukono gwe. Ne bwe yakula, era teyissaako mukono. Muteesa II naye teyissaako mukono gwe. Bwatylo n'agaanira ddala okussa omukono gwe ku kiwandiiko nga tamaze kwebuuza ku Lukiiko. Yali amanyi nti olwo yali awaayo Buganda ne Yuganda mu

Federeson, Abazungu bamaamire ensi yaffe nga bwe baali bakoze mu Kenya ne South Africa. Kino kyanyiiza nnyo Gavana era kyaviirako Kabaka onto okuwaŋŋangusibwa nga jjajja we Mwanga.

Mu mwaka 1953 nga 30 Museenene, Kabaka wa ffe Muteesa II omwagalwa yawaŋŋangusibwa. Amangu ddala nga Kabaka yakatuuka e London, nga 1.12.53, yaweereza obubaka Abaganda babeere bakkakkamu era n'alonda Balejenti bagira balamula Obuganda. Abaalondebwba be bano:-

Katikkiro – Pawulo Kavuma.  
Omulamuzi – Matayo Mugwanya.  
Omuwanika – Latimer Mpagi.

Bano nabo nga 15.12.53 baakaka Ababaka abaali baalondebwa Olukiiko, naye nga Kabaka yali tannabalayiza, bo Balejenti ne babalayiza.

Abaganda baali baagala okwekalakaasa balwane. Naye olw'amagezi g'Omulongira Badiru Kakungulu Wassajja, yakuŋŋaanya mangu Abataka ng'ali wamu ne Fresito Manyaŋŋenda ne Kyemwa Owenseenene ne bagaana abantu okulwana, mpozzi nga baali tebaagala Bazungu kuzza Kabaka waffe. Baabawa amagezi ga kuyita mu mateeka. Gano amagezi amalungi Abaganda baagakwata mangu nnyo. Nga bwe bagamba nti, "Ageerwanyalwanya gaba gaagala nnyinimu", ne ku luno Abaganda kye baakolera ddala, olugero ne lutuukirira. Buganda yawaaba omusango 50/54 mu Kkooti enkuu eya Nnaabakyala wa Bungereza, wano mu Kampala nga 27.1.1954.

Ababaka abaali baalondebwa era ne balayizibwa Kabaka, nga be ba; Sam Kisekka Mukwaba, Juma Ssempa ne Alafayiri Kasule, nga bayita mu Munnamateeka waabwe Apollo K. Kironde, baawabira Ababaka abatalondebw Kabaka; Dawudi Musoke Mukubira, Matiya Kafeero Wamala, Andereya Nyanzi ne Yake Yekoniya Kyazze, nga bagatiddwaako Ssaabawoloreza wa Gavumenti, nti, "Abawawaabirwa tebaalina buyinza kutuula mu Lukiko, kubanga Balejenti abaabalonda ne babalayiza, tebaalina buyinza kulonda babaka abo, nga Kabaka amaze okugobwa ku Bwakabaka olw'ensonga etaali ntuu". Omusango baagusingu nga 4.11.54. Omulamuzi n'agamba nti, "Gavana teyalina buyinza butwala Kabaka". Obuganda bwonna bwabuna essanyu n'okujaganya. Kyokka era Kabaka tebaamuddizaawo. Baamala kumukozesa ndagaano eya 1955 eyamuggya mu

Iwokaano Iw'ebi'obufuzi nga bagoberera Alipoota ya Prof. Sir Keith Hancock, (Pulofeesa oyo Abaganda gwe bayita "Wankoko") gye yakola nga 16.11.54, ng'ewa Olukiiko obuyinza okulonda Kabaka, ate oluvannyuma akakasibwe Gavumenti ya Nnaabakyala. Ekintu ekitali mu Nnono y'Abaganda. Kino e kintu kye kimu ekyagala okudda eyo mu maaso gye tulaga, oluvannyuma lwa Ccata ya Buganda okukkirizibwa. Ate era Ccata ekkiriza Disitirikitii ezaagala okweketula ku Buganda zeekutuleko!. swdieuqenpttswsv

Kabaka yakomezebwano okuva mu buwaŋŋanguse nga 17.10.1955. Abakungu abaali bajaganya nga bawagira Abazungu okutwala Kabaka, nga bagamba nti Kamunye takwata nkoko n'ewona, baatandika okubuna emiwabo. Baabula okufa ensonyi, n'okuwanjaga baawanjaga, anti abamu baali bawaddeyo emikono oba amagulu nti bw'addanga baantemangako kino oba kiri. Yali Kabaka yennyini eyabasonryiwa. Mu madda ge, Bulange lwe yayingirwa ng'ewedde okuzimbwa. Baagitandika okugizimba mu 1953.

- Bwe twafuna obwetwaze, Muteesa teyakkiriziganya na Obote. Olubiri lwe Iwalumbwa amagye ga Obote nga 24.5.1966. Kabaka n'addukira mu Bungereza era eyo gye yazaamira, oba gye yaseererera nga 19.11.1969 n'aterekebwayo nga 3.12.1969. Obote era yagaana okusabira Muteesa e Namirembe. Kyokka bo e Lubaga mu bumalirivu obungi bagaana ne bamusabira. Ssaabapesikoopi Nsubuga bwe yali asaba, yagumya Abaana b'εηηoma, n'Abaganda bona olwa kino ekyali kibatuuseeko. Abayizi b'e Makerere nabo baamusabira mu Kkerezia y'Omukutuvu Agusitiino. Era mu bumalirivu obw'ekitalo, Ssaabepisikoopi Muzzukulu wa Gabunga ono, y'omu teyawuliriza Obote, n' ayitawo mu 1969 n'agenda e Bungereza okusabira Muteesa nga bamuterekayo.

Enjole y'Empalabwa yakomezebwawo Idi Amin mu kituibwa ekijjuvu nga 31.3.1971 nga waakayita emyezi 2 n'ennaku 6 nga baggyeeko Obote. Ekikolwa ekyo kyasiimwa nnyo Abaganda era Idi Amini abantu ne beeyongera okumwagala. Ejole y'omwagalwa waffe baagituuusa e Ntebe ku ssaawa 4.25 ez'enkyo. Yakubirwa emizinga 94 be ddu!. Ennyonyi Namunkanga ye yamutwala ku kisaawe e Kololo ng'emaze okuyisibwako mu Lubiri. E Kololo gye yava n'etwalibwa e Namirembe abantu gye baamulabirako nga basula mu nnyiriri okuva e Nateete n'okuva e Nansana okutuuka mu Lutikko. Obukuumi bwali bwamaanyi, anti n'abaali baagala okutta abantu abaatega bbomu ku mulyango gw'ekkanisa baalabuukirirwa mangu bbomu ne bagitegulula. Baamuggya e Namirembe ne bamutwala e Baamunaanika gye yamala ennaku bbiri, n'alyoka azzibwa e Namirembe okumusabira n'okuterekebwa e Kasubi nga 4.4.1971. Bishop Dustan Nsubuga ne Bishop Stuart be baakulembera emikolo.

Muteesa ye Muzira Nnamige (HERO) w'okwefuga. Ye yasooka okusaba okwefuga, yasibibwa e Ntebe era yawaŋŋangusibwa. Buli muzira mu Africa ebyo byonna abiyyitamu ng'älwanirira ensi ye. Ebyo Muteesa naye yabiyitamu. Mutéesa agamba nti, "Obote tamalangako mu kabulamuliro wadde eddakiika e 10, wadde okuwaŋŋangusibwa". Ate era si yeysaba obwetwaze.

Ebibuga Muteesa II bye yakuba - Bamunaanika, Ndaviga

### **36. RONALD MUWENDA MUTEBI II:**

Bannaalinnya be ba Nabaloga ne Ndagire. Omulongo we ayitibwa (tanamufuna olw' eddiini y'abamuliko etakkiriza bya Buwangwa). Ennyumba ye eyitibwa Muzibu-azaalampanga. Ejjembe lye liyitibwa (tanamufuna).

Bassaabalangira be baali Mulondo ne Kanaakulya. Bakatikkiro be, be ba Jehoahsi Mayanja Nkangi, wa Mutima ne Joseph Mulwanyammuli Semwogerere, wa Lugave. Bakadde be, be baali Muteesa II ne Sarah Kisosonkole, wa Nkima. Emyaka gye; yazaalibwa nga 13.5.1955. Yatikkirwa e Naggalabi nga 31. 7. 1993. Na kati y'akyafuga.

Yabikka akabugo e Bungereza nga Katikkiro Mayanja Nkanji alaba. Oluvanniyuma lw'okuzaama kwa kitaawe nga 19.11.1969, yadda kuno nga 31.3.1971 ng'awerekedde kitaawe okumutereka. Ate nga 4.4.1971 e Kasubi, era yaddamu okubikka akabugo nga balowooza nti okubikkira e Bungereza kyalitekiinala era nti tekizira kubikka mirundi ebiri. Anti Abaganda tebaalaba mukolo ogwo e Bungereza. Ku olwo e Baamunaanika era yatuuzibwa ku Namulondo. Yadda omulundi ogwokubiru okulambula Obuganda nga 3.8.1971.

Ate mu 1974 yakomawo okutereka nnyina. Yatikkirwa e Buddo nga 31.7.1993. Omukolo ogwasomboola abantuokuva mu nsi z'Amawanga gonna okujja okwerolera Abaganda bwé baagala Obwakabaka. Bonna wamu n'abaawano abaali bataagala Bwakabaka, ku olwo baategeera nti Abaganda bwe bagamba nti baagala kufugibwa Kabaka babeera tebasaaga. Ekitegeeza nti Omufuzi ayagala okufuga Abaganda abafuga ng'ayita mu Kabaka waabwe.

Obuganda mu 1986 bwatandika okwagala okulumba Pulezidenti Museveni nga bwagala Kabaka waabwo. Waateekebwawo akakiiko kakole ku nsongya eyo. Akakiiko kaalondebwya nga 9.8.86 okusaba Omukulembeze w'Eggwanga ebyaffe. Akakiiko kaaliko Omutaka Grace Ndugwa Ssemkula (Ssentebi oweekiseera). Omutaka Nadduli Kibaale (omumyuka we) ne Rev. Prof. Ggwayambadde. Ssaabataka yadda omulundi ogwokuna nga 14.8.1986. Olwadda. Katikkiro n'Ababaka ne bawaayo ekiwandiiko ekisaba ebyaffe. Baakiwaayo ewa Pulezidenti Museveni nga 15.8.1986.

Museveni bwe yajjukira abantu mu nsiko bye baamugambanga, ntiaabantu baagala okuzzaawo Obwakabaka mu bitindu mwe bwalinga, yasooka kulowooza nti be yatumanga mu bantu baali boogera byabwe. Yakkiriza asobole okuwangula olutalo. Bwe yatuuka mu buyinza, yagenda okulaba nga bakyagenda mu maaso okumusaba ebyaffe, era nga bwe bamuwagira abeere ku bufuzi asobole okubawa ebyabwe bye beetaaga. Awo we yasinziira ye n'akakiiko k'Amagye ne basalawo nga batudde e Ggulu nga 23.7.1992 okuzzaawo Obwakabaka mu Yuganda mu bitindu mwe bwali, bannyinibwo singa babeera bakyabwetaaga. Ebitindu ebitaalina Bwakabaka, kyokka nga byagala okutandikawo enfuga eyeefaanaanyirizaako n'enfuga esangibwa mu bitindu ebirala, nabyo byakkirizibwa okwekolamu obufuzi, bo bwe babeera beesiimidde.

Bulange yaddizibwa Obuganda mu 1993. Ate Olubiri ne luddizibwa Obuganda nga 19.12.1997 nga wayise emyaka 31 bukya luwambibwa ne lutuumibwa Malire ekitegeesa. Omunyago mu Luluwo. Mukama ky'abeeredde omulungi, era asasula abagumiinkiriza, ekyaddako kwe kutikkira Kabaka. Obuganda ne buddamu okutambulira mu Bwakabaka bwabwe bwe baali bamanyi nti ne bwe buliba ddi, buliddawo. Anti "Bwe katagirya, ebiika amasumaba!" Olubiri nga terunadda. Kabaka yakuba olubiri lwe e Bbanda nga Jjajjaawe Walugembe Mukaabya Muteesa I bwe yakola. Kinokyo ekifo ekirina ebyafaayo bya Buganda ebingi. Abazungu wano we baasanga Muteesa era we yasinziira n'ayita Abazungu bagunjule ensi ye okukola emmundu, ate bo ne bakulembeza "Abasomesa b'Eddiini". Baabaleeta kusomesa abantu baffe babaleetere ekitangaala. Ekifo kye kimu kino, Ssaabasajja Muwenda Mutebi II we yava okugenda e Buddo okumutikkira.

#### EMYAKAGY'OBWAKABAKWA BUGANDA EGITEEBEREZEBWA

Abawandiisi bangi bagenze bateebereza emyaka gino kubanga tetwafuna mukisa kuwandiika bintu byaffe. Bonna bazze bagibalirira nga basinziira ku biseera ebintu

ebijjukirwa we byabeererangawo. Ekyokusaalirwa, tugenze okujukira okukujjaanya ebintu byaffe, ng'abantu abakulu abaali babimanyi batuweddeko. Kati gino gy'emyaka gy'a kababaka ba Buganda nga gigaageranyizibwa n'egyo Dr. Kiwanuka gye yabalirira.

Omuwandiisi	Kabaka	Dr. Kiwanuka
1157-1187	Kintu Omusaale	-1300
1187-1217	Cewa Nabakka	-1314
1217-1247	Kimera	c 1314 - 1374
1247-1277	Ttembo	1374 - 1404
1277-1307	Kiggala	1404 - 1434
1307-1337	Kiyimba	1434 - 1464
1337-1367	Kayima	1464 - 1494
1367-1397	Nakibinge	1494 - 1524
1397-1427	Mulondo	1524 - 1524
1427-1457	Jjemba	1524 - 1534
1457-1487	Ssuuna I	1534 - 1584
1487-1517	Sekamaanya	1584 - 1584
1517-12.7.1547	Kimbugwe	1584 - 1584
12.7.1547-1577	Kateregga	1584 - 1614
1577-1644	Mutebi I	1614 - 1644
1644-1682	Jjuuko	1644 - 1644
1682-1715	Kayemba	1644 - 1674
1715-1742	Tebandeke	1674 - 1674
1742-1772	Ndawula	1674 - 1704
1772-1802	Kagulu	1674 - 1704
1802-1805	Kikulwe	1674 - 1704
1805-1807	Mawanda	1674 - 1704
1807-1807	Mwanga I	1704 - 1734
1807-1811	Namugala	1704 - 1734
1811-1817	Kyabaggu	1704 - 1734
1817-1819	Jjunju	1734 - 1764
1819-1821	Ssemakookiro	1734 - 1764
1821-1824	Kamaanya	1764 - 1794
1824-1854	Ssuuna II	1824 - 1854

<b>Omuwandiisi</b>	<b>Kabaka</b>	<b>Dr. Kiwanuka</b>
1854-19.10.1884	Muteesa I	1854 - 1884
1884-1897	Mwanga II	
2.8.1888-12.10.1888	Kiweewa	
12.10.1888-11.10.1889	Kalema	
14.8.1897-22.11.1939	Dawudi Cewa II	
22.11.1939-19.11.1969	Edward Walugembe Muteesa II	
19.11.1969-	Ronald Muwenda Mutebi II (y'akyalamula).	

Bwe weetegereza abawandiisi bombi, baawukana kiwanvu. Dr. Kiwanuka alaga nga Kintu Omuzaale ye Kabaka eyasooka eyo mu -1300. Alaga Mulondo nti omwaka 1524 gwe yaliirako teyagumalaako. Alaga nga Ssekamaanya ne Kimbugwe baafugira wamu mu 1584, era nga bombi tebaagumalaako. Kyokka abawandiisi bombi bakkiriziganya nti Mutebi I yakisa omukono mu 1644. Alaga nga Jjuuko omwaka 1644naye teyagumalaako. Ne Tebandeke 1674 teyagumalaako. Ate n'alaga nga bo Ndawula, Kagulu, Kikulwe ne Mawanda baafugira wamu 1674-1704. Bwe batyo Mwanga I, Namugala ne Kyabaggu baaliwo 1704-1734. Ate Jjunju ne Ssemakookiro baaliwo lumu 1734-1764. Era teyalaga Kabaka yaliwo okuva 1794 Kamaanya we yavyunikira Obuganda, okutuusa 1824 Ssuuna II we yaliira. Omuwandiisi ne Dr. Kiwanuka baddamu okukwatagana okuva ku Ssuuna II 1824-1854. Waliwo ba Kabaka omuwandiisi b'awadde emyaka egisukka 30 oba obutawera, kubanga teryali tteeka nti bateekwa kumala egyo buli omu. Ate waliwo Kabaka gwe gaagambanga nti oyo yawangaala, ate omulala nti ye yasinga okuwaagaala.

EBIKAFERYAKAZAALABAKABA

Kintu Omutonde ne Nambi Nantuttululu, bo tebalagiddwa abazaala kubanga okufaanana ne Adamu ne Kaawa, tebalina babazaala, bo baatondebwabutondebwab. Bakabaka abaddako awo bona tebamanyiddwa. Omuwendo gwabwe munene nnyo era ababinoonyereza bakyali mu kawefube okwongera okuzuula abo abasoboka okuzuulibwa. Okuva ku Kintu Omutonde, we tuva okumanya buli Kabaka ne bakadde be. Wakyalivo ekizikiza obuzaale bwe bujja buddirinjana okuva ku Kintu Omutonde ne Nambi Nantuttululu, okutuuka ku Kintu Kato. Nsoose n'ekika ekyasinze okuzaala Bakabaka abangi, ne kugenda nga biddako nga bwe biddirinjana. Wano mu Buganda buli kika kirina omukisa okuzaala Kabaka. Abakulu b'ebika bafuba nnyo okuleeta

bazzukulu baabwe mu Lubiri oba mu bifo Kabaka mwe bamusuubira okulabika, asobole okusiiama omu ku bo.

Bino bye bika ebyakazaala bakabaka:-

## I. Mmamba Yakazaala Bakabaka 9

- i) Kabaka Ttembo (wa 4), azaalibwa Omulangira Lumansi ne Nattembo.
  - ii) Kabaka Nakibinge (wa 8), azaalibwa Kayima ne Nababinge.
  - iii) Kabaka Ssuuna I (wa 11), azaalibwa Nakibinge ne Nassuuna.
  - iv) Kabaka Mutebi I (wa 15), azaalibwa Kateregga ne Namutebi.
  - v) Kabaka Jjuuko (wa 16), azaalibwa Kateregga ne Namutebi
  - vi) Kabaka Kayemba (wa 17), azaalibwa Kateregga ne Namutebi.
  - vii) Kabaka Ssuuna II (wa 29), azaalibwa Kamaanya ne Nakkazi Kannyange.
  - viii) Kabaka Kiweewa Mutebi (wa 32), azaala Muteesa I ne Kiribakka.
  - ix) Kabaka Kalema Rashidi (wa 33), azaalibwa Muteesa I ne Ndibuuwaakaani.

## II. Ndiga yakazzala Bakabaka 4.

- i) Kabaka Kimbugwe (wa 13), azaalibwa Ssuuna I ne Nalugwa.
  - ii) Kabaka Mwanga I (wa 23), azaalibwa Omulangira Musanje ne Nabulya Nalugwa.
  - iii) Kabaka Namugala (wa 24), azaalibwa Omulangira Musanje ne Nabulya Nalugwa.
  - iv) Kabaka Kyabaggu (wa 25), azaalibwa Omulangira Musanje ne Nabulya Nalugwa.

### III. Njovu yakazaala Bakabaka 4:

- i) Kabaka Kagulu Tebuucwereke (wa 20), azaalibwa Ndawula ne Naguija
  - ii) Kabaka Jjunju (wa 26), azaalibwa Kyabaggu ne Nanteza.
  - iii) Kabaka Ssemakookiro (wa 27), azaalibwa Kyabaggu ne Nanteza.
  - iv) Kabaka Sayidi Mukaabya Muteesa I (wa 30), azaalibwa Ssuuna II ne Gwolyoka.

**IV. ηηonge yakazaala Bakabaka 3:**

- i) Kabaka Kiggala (wa 5), azaalibwa Ttembo ne najjemba.
- ii) Kabaka Jjemba (wa 10), azaalibwa Nakibinge ne Najjemba.
- iii) Kabaka Mwanga II (wa 30), azaalibwa Muteesa I ne Abisaagi Baagalaayaze.  
(Ono kyokka bagamba nti yali wa Namujjona).

**V. Butiko bwakazaala Bakabaka 3:**

- i) Kabaka Kayima (wa 7), azaalibwa Omulangira Wampamba ne Nakayima.
- ii) Kabaka Mulondo (wa 9), azaalibwa Nakibinge ne Namulondo Najjantyo.
- iii) Kabaka Kateregga (wa 14), azaalibwa Ssekamaanya ne Nabuuso Nnaabagereka.

**VI. Ngeye yakazaala Bakabaka 2:**

- i) Kabaka Kintu Omusaale (wa 1) e Magonga, azaalibwa Kimaleempaka ne Namukana
- ii) Kabaka Ccwa Nnabakka (wa 2), azaalibwa Kimaleempaka ne Namukana.

**VII. Lugave lwakazaala Bakabaka 2:**

- i) Kabaka Kiyimba (wa 6), azaalibwa Kiggala ne Nabukulu Nabbuto.
- ii) Kabaka Tebandeke (wa 8), azaalibwa Mutebi I ne Nabukulu.

**VIII. Nseenene yakazaala Bakabaka 2:**

- i) Kabaka Ndawula Kanaakulya (wa 19), azaalibwa Jjuuko ne Nandawula Kabeηjano.
- ii) Kabaka Kamaanya (wa 28), azaalibwa Ssemakookiro ne Ndwandeewazibwa.

**IX. Ngo yakazaala Bakabaka 2:**

- i) Kabaka Kikulwe (wa 21), azaalibwa Ndawula ne Kikulwe.
- ii) Kabaka Mawanda (wa 22), azaalibwa Nakidde.

**X. Ffumbe lyakazaala Kabaka 1:**

- i) Kabaka Ssekamaanya (wa 11), azaalibwa Mulondo ne Nakku.

**XI. Ngabi yakazaala Kabaka 1:**

- i) Kabaka Dawudi Ccwa II (wa 34), azaalibwa Mwanga II ne Evalini Kulabako Maasombira.

**XII. Nte yakazaala Kabaka 1:**

- i) Kabaka Edward Muteesa II (wa 35), azaalibwa Irene Drussila Namaganda. Kyokka Abengabi bamukaayanira nti waabwe. Bo bamuyita Nabukeera. Rev. Yonasaani Kayizzi mbu lwa kumutwala Gayaaza ng'omwana we asomereyo, mbu naye teyali wuwe. Wadde mu bitabo yamuwandisa ng'omwana we. Kabaka Ccwa eyo mu ssomero gye yamusanga n'amwegomba. Olwo kyali nno tekikyasoboka kuggyayo mazima, kasita bombi Engabi n'Ente bona batuma Namaganda.

**XIII. Nkima yakazaala Kabaka 1:**

- i) Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II (wa 36), azaalibwa Muteesa II ne Saala Kisosonkole.

Okuva ku Kimera, Kabaka tawasa wa Nkima kubanga Mugema yafuuka Kitaawe wa Kimera. Muteesa II bwe yawasa Abenkima bombi nga ba luganda, Mugema yakiwakanya nnyo ne kireetawo obutategeeragana wakati we ne Muteesa II. Era Muteesa bwe yadda okuva mu buwanηanguse, Kamulegeya yagobebwaku Bwamugema nga kigambibwa nti naye yali ayagala Muteesa ave ku Bwakabaka. Ate Ssekabaka Kimera Kabaka Owookusatu, yazaalibwa Bunyolo. Wadde baali bagamba nti azaalibwa Nakimera Oweenseenene, nti era n'ayonsebwa Wannyana, eky'okuyonsebwa kituufu, naye eky'obuzaale si kituufu nga bwe tukirabye waggulu.

## OBWAKABAKABUFUZIBULI MU BUTONDE

Obwakabaka bwogerwako mu butonde, n'ebitabo by'eddiini zonna byogera ku bwakabaka, ne ku bakabaka abalungi n'ababi. Omukkiriza yenna ow'amazima taggyaawo bwakabaka, alongoosa bulongoose kubanga buli mu butonde. Nga bw'olaba Katonda bwe yakola engalo nga tezenkana, zisobole okukola obulungi nga buli emu eweereza ginnaayo bulungi nga bweri mu butenkanankana bwayo ne gy'eriraanye. Katonda yakiraba nti ffenna bwe tulyenkana tetugenda kukola nga tewali awtala munne. Katonda kye yatonda oluberyeberye bwe kiteekwa okuba emirembe n'emirembe. Omulabirizi D. Nsubuga e Namirembe ng'asabira Ssekabaka Muteesa II mu 1971, kye yava agamba nti, "Mukuumenga obutiribiri ebyo ebibafula ab'enjawulo". Buli muntu asaana abeere Katonda we yamussa. Omuntu okutyia Katonda, asaana asse ekitiibwa mu bintu Katonda nga bwe yabitonda. Buli nsi yagitonderamu abantu baayo nga balina empisa, obuwangwa n'obulombolombo nga bya bantu abo bokka. Ekirungi ffe yatuwa obufuzi obuli mu masa, nga buli ssa yalissaamu amadaala ag'enjawulo agalinnya waggulu. Kyokka kirungi ng'olinnya kukoma awo we baakulagira okukoma. Bw'oluubirira ekitali kikyo ekyo bakiyita kunaayiza, ekintu ekitali kirungi n'akatono. Ffe kino okukiwona twayimbanga oluyimba luno, olwayiiyizibwa omuyimbi Bugembe. Lwatulabula nnyo tulemenga okunaayiza. Mu biseera ebyo lwabuna mu masomero ga Buganda gonna era nga wabeeearwo n'ebirabo eri abo ababa basinze okuluyimba.

Lulina ekitundu eky'omuddirijjana, ekiyitibwa Omusaakaanyo (Chorus) ekiyimbibwa buli lw'omala ekimu ku bitundu ebisangibwa mu luyimba luno. Lugenda bwe lutii:-

Ekyo kye bataakuwa si kirungi kunaayiza,  
Obwo bwe bukumpanya, bwe bubbi ggereggere,  
Ensi yeeyongedde okulumira,  
Lwa bintu ebinaayize obunaayiza.

1. Mulabire ku Adam ne Kaawa mukazi **wé**,  
Baalekayo kye baabawa, ne bagenda okunaayiza,  
So singa bo baaguma, ne batalya,  
Singa tulinga Bamalaayika.....

2. Tewaaliwo Bayitale, ng'ensi yakatonsebwa,  
Tewaaliwo Bamisiri, ffenna twali ba kika,  
Zino ennimi ez'enjawulo, tezaaliwo,  
Ebyo byajja lwa bano abanaayiza.....
3. Abantu abanaayiza, baaleeta enjawukana,  
Katonda kwe kutwawula, tulemenga okunaayiza,  
yateekawo ensalosalo kwe tuyita,  
Ge mazzi g'ennyanja ge mulaba.....
4. Enkomera z'amazzi, waliwo abaziwagula,  
Ne bagenda banaayiza, befuule Abalangira,  
Abantu abanaayiza baliraba,  
Baliraba bye balirya okutunuka.....
5. Bw'obanga oyimiridde, wekuumanga n'otagwa,  
Abantu abanaayiza baliraba okuseerera,  
Ng'enjedere ze beesiga zikaddiye,  
Bwe baligwa walibula agolokoka.....
6. Eno si mbereebezi, nkuuka,  
Ebintu ebinaayize, byongedde akatyabaga,  
Buli kintu ekinaayize, kirulumma,  
Ensi ne yejongera okutwekeka.....

Ate Aggrey Achimota eyava mu Ghana, eyatutandikirawo essomero lya ffe wano eriyitibwa Aggrey, nga libbulwa mu ye, yatkuutira okukuma ebintu bina obutiribiri, era bye bino:-

- i) Olulimi
- ii) Empisa
- iii) Obuwangwa
- iv) Obwakabaka